Wiiki Ya Danyeri Ey'Ensanvu

Weebale, nnyo, Ow'oluganda Neville. Mwasuze mutyanno, ab'emikwano? Kya mukisa okukomawo wano nate mu kkuŋŋaaniro enkya ya leero, okweyongerayo n'Obubaka buno obukulu bwe tufuba okugezaako okunnyonnyola, buno obwa *Wiiki Ya Danyeri Ey'Ensanvu*. Era tuli basanyufu okulaba abantu abangi bwe bati abakuŋŋaanye ku lunaku nga luno olw'ebbugumu, naye nga mu kiseera kye kimu tubasaba mutusonyiwe olw'obutaba na kifo kimala we musobola kutuula. Okulaba abantu nga beenyigirizza bwe batyo nga n'okuyimirira bayimiridde okwetooloola wonna, muli kirina engeri gye kimmalako emirembe. Ate bw'ogattako n'obuteegazaanya bulungi nga bwe mulina kuba, nakyo kibakaluubiriza okutegeera obulungi. Naye tujja kukola kyonna ekisoboka okuyita mu bwangu.

2 Kati—kati, olwa leero, nsuubira nti, bwe nnaalandaggamukko, munaŋŋumiikiriza, kubanga kino ky'ekiseera eky'okunnyikiriza ddala Obubaka buno, ekiseera kyennyini eky'okubunnyikiza. Twabwawulamu emiteeko esatu tusobole okukakasa nti tubutegeera.

3 Kati, weewaawo, a—abantu abali wano mu kibiina ekirabikako bakimanyi nti bino, manya Obubaka buno bwonna, bukwatibwa ku ntambi. Era zisindikibwa wonna mu nsi. Mu buliwo buli ggwanga lifuna entambi zino okwetooloola ensi yonna. Era kino njagala okukyogera eri abawuliriza olutambi luno, eyo yonna gy'oli, mu kitundu ky'ensi kyonna ky'olimu, nti ku lutambi luno kwandibaako ebintu by'oyinza obutakkiriziganya nange ebikwata ku njigiriza ze—ze njigiriza. Naye njagala okubategeeza, ab'oluganda, nti ssinga muba ba kukinnyonnyola nga bwe mukiraba, oba oli awo, kiyinza okwawukana ku ekyo kye nzikiriza. Naye, nja kuba musanyufu okuwulira kye mukyogerako.

4 Era Obubaka buno mbubuulira n'ekirowoozo, okuva mu . . . Kigambo kya Katonda, mu mutima gwange. Ku lw'okuzimba Ekkanisa, ku lw'Ekkanisa yonna awamu, Ekkanisa mu nsi yonna; Ekkanisa ya Kristo, mu nsi yonna. Era nzikiririza ddala nti tuli mu biro eby'enkomerero. Era nga nfuba nnyo kino okusobola okukinnyonnyola, wabula nga sigezaako kukireetera, kwekubiira, ludda luno oba luli. Nze nga bwe mmanyi, omusango ogw'okukola ekyo, ssiguzzangako.

5 Emirundi mingi abantu bawuliriza entambi, ne bagamba nti, "Naye, ekyo nze ssikkiriziganya nakyo. By'ayigirizaako tabitegeera, tamanyi Byawandiikibwa." Weewaawo, ebyo, ebyo

byonna byandiba ebituufu. Mukiraba? Siyinza kugamba nti si bituufu.

Naye, gyendi, nze—nze Ekyo kye nsoma, sitwala bigambo birala byonna—byonna. . . Nsoma abalala bye baba bagamba, era ne mbasiima. Buli muntu yenna ky'ayogera, nkisiima. Naye bwe nva awo—bwe nva awo nkitwala eri Katonda, ne nkirondoola okutuusa lwe mba nga nsobola okukinnyonnyola, okuva mu Lubereberye okutuusa mu Kubikkulirwa, ne nkiraba nga kikwatagana buli wamu wonna mu Bayibuli. Olwo ne—ne ntegeera nti kisemberedde okuba ekituufu. Ate, ddala, ggwe w'obeerera omutuufu, wayinza okuba nga ke katundu nze we nnaviiridde ku—ku mulamwa. Nga era oba oli awo ggwe w'oli omukyamu, oba w'oli omutuufu, nga we nnaviiridde ku mulamwa, nga nange we ndi omutuufu ate ggwe we waviiridde ku mulamwa.

6 Kale, tubasiima mwenna abantu abalungi abali wano mu kibiina, enkya ya leero, nammwe abantu abalungi abawuliriza entambi zino. Era tu. . . Byonna ebikolebwa, bikolebwa ku lwa Bwakabaka bwa Katonda. Nnina emikwano mingi emirungi mu nsi yonna, gye nsiima ennyo, era be nzikiriza nti ndiba nabo mu Butaggwaawo. Kale tekisoboka kunzijira mu mutima gwange kugezaako ku—kulimba bantu abo, ka kibe kiki, wabula okugezaako okukola buli kye nsobola okukola okubayamba.

7 Mpulira nga Sulemaani bwe yali awulira bwe yasaba, n'agamba nti, amuwe amagezi asobole okukulembera abantu ba Katonda. Okwo kwe kusaba kwange okw'obwesimbu.

8 Bannange be nkola nabo, weebali wano, ndaba Ow'oluganda Mercier ne—n'Ow'oluganda Roy Borders, n'Ow'oluganda Neville, ne Billy Paul mutabani wange. Gene alina w'ali wano, n'ab'oluganda, Teddy, n'abalala bonna. Nsiima abantu bano bonna abajja okunnyambako.

9 Nzijukira wano ebbanga si ddene emabega, Ow'oluganda Leo, o—okwolesebwa kwe yafuna; yagamba kyali, kirooto, lumu ekiro lwe twasooka okusisinkana; nti yalaba entikko ya piramiidi ennene, waggulu ddala eri mu bbanga. Nti nze nnali waggulu eri nga mbuulira, nga nnina awantu awamu wendi, bw'atyo n'alinnya waggulu alabe kiki ddala kye kiri. Era bwe yatuuka waggulu ku ntikko eno, kati, yagamba, yalengera mu kitangaala ekiringa ekya langi eya ffeeza, oba nga olusaniya, nnali nnyimiridde, nga mbuulira eri abantu. Era yansikiriza, bwentyo ne mmutunuulira. N'ambuuza nti, "Eyo watuukayo otya? Nange nnyinza ntya okutuukayo?"

10 Ne mmugamba nti, "Leo, eno tewali asobola kujjayo. Eno Katonda y'ateekayo omuntu. Kati, eno ggwe tekikwetaagisa kwambukayo. Ggwe olina kukka wansi n'ojulira eri abantu abo abali awo wansi, nga omaze okukiraba, nti ge Mazima, nti Ago ge Mazima." Leo n'akkirira wansi, okujulira eri abantu.

11 Bbanga lyenkana ki eryakayitawo bukya kibaawo, Ow'oluganda Leo? Wayiseewo emyaka egiwerako, si bwe kiri? Emyaka giwerako. Okuva mu kiseera ekyo, nga bwe mmanyi, abadde mwesigwa mu kukola ekyo, eky'okujulira eri abantu nti obuweereza buno buva wa Katonda. Kati, nange ssa—ssaagala buve gyendi. Bwe buva gyendi, buba tebulina kyebugasa, kubanga omuntu taliimu kalungi konna. Mukiraba? Bulina kuva eri Katonda.

12 Kati, bwe ntunulatunula . . . Olw'eggulo lwa jjo, nnalamusiganyizzaako ne mukwano gwange, Ow'oluganda West. Ssinnaba kulaba w'atudde, mu kizimbe; kale, kati mmulabye, enkya ya leero. Era mumanyi olugendo abantu abo lwe bavuga bwe lwenkana, okuviira ddala emmanga eri mu—mu Alabama, ku lunaku olwa Ssande, okusobola okujja wano, okuva emmanga eri mu Alabama!

13 Ow'oluganda Welch Evans, nnamusubwa ku Ssande ewedde. Waliwo eyagambye nti waali wano olwa leero. Abantu abo bavuga okuva e Tifton, mu Georgia, okujja wano. N'ow'oluganda atudde wano, bwe bakolagana. Bangi nnyo! Ow'oluganda Palmer okuva e Macon, mu Georgia. Era nzikiriza, nnengera, Mwannyinaffe Ungren ne baali nabo emabega wali. Baviira ddala eri mu Memphis, Tennessee. Kati, mulowooza . . . N'abalala okuva mu bifo ebirala. Waliwo omukyala gwe mbadde nnaakasisinkana wano nga ava eri, mu South Carolina.

14 Kati mulowooza nti abantu wano . . . Mbadde ntambuza amaaso, ne nnengera abavudde e Chicago, ne mu bifo ebirala ebitali bimu, abavuga ebikumi n'ebikumi bya mayiro, okusobola okujja mu lukuŋŋaana. Ate, bwe batuuka wano, ne basanga nga n'aw'okutuula tewali. Ekizimbe tekiriimu byuma biweweeza mpewo; nga kizimbe ekikadde ekijjuddemu ebbugumu, ne bayimirira buyimirizi, nga eno bwe beesangula entuuyo. Nga bajjeewo ssente ku mmeeza, ssente ezandibadde ez'okulabirira abaana baabwe, ne bazikozesa okusobola okujja wano okuwuliriza Obubaka obwo. Oyagala kuŋŋamba nti tewaliiyo . . . emitala w'omugga guno, mu kifo ekimu eyo, nti tewaliiyo kifo gye baligenda, olumu ku nnaku zino? Mazima ddala, gyekiri. Obwo bwe bwesigwa! Abantu abo basasuzi ba kimu eky'ekkumi. Tebakoma ku kya kujja buzzi kyokka, wabula baleeta ekimu eky'ekkumi kyabwe wamu n'ebiweebwayo, ne babireeta mu nnyumba ya Mukama, nga bagezaako okukola ekituufu. Abantu abeesigwa obwenkanidde awo Katonda abaweere ddala omukisa! Okusaasira kwa Katonda n'ekisa bibeere nabo.

15 Nnengera mukwano gwange, Charlie Cox, n'abo abavudde emmanga eri mu bukiikaddyo bwa Kentucky. Kyenkana buli wamu, w'otunula, olaba abantu abava mu bifo eby'enjawulo.

16 Omuvubuka ono atudde awo, erinnya lye ndyerabidde. Nnamusisinkana mu Chicago. Naye waliwo ettendekero erimu erya Bayibuli ly'ovaamu eriri ewalako okuva wano, mu kifo ekimu, si bwe kiri? [Ow'oluganda agamba nti, "Springfield, mu ssaza ly'e Missouri."—Omuk.] Springfield, mu ssaza ly'e Missouri; ttendekero lya Bayibuli erya Assembly of God. Weewaawo. Ekyo, kirungi. Mukiraba nti, bava mu buli kanyomero, okujja mu kkanisa eno enkadde entono ennyo.

17 Kati mukirowoozeeko, kyenkana, emyaka nga amakumi asatu egiyise lwe nnasimba ejjinja ery'okunsonda ku olwo ku makya, nnali nnyimiridde eri ku luguudo oluyitibwa Seventh Street, kumpi nnyo awo kinnya na mpindi. Nnali ssinnaba na kuwasa, nga nkyali muvubuka. Ne ndaba okwolesebwa nga wano wajjudde abantu abayitirivu okuva buli wamu wonna. Era nnali musanyufu nnyo, nga nnyimiridde emabega w'ekituuti. Era awo we Yaŋŋambira nti, "Naye lino ssi lye kkuŋŋaaniro lyo." Okuva awo n'Ansitula n'anteeka wansi w'ebire. N'ebirala ebisigadde ebikwata ku mboozi eyo mubimanyi ebyawandiikibwa ku lupapula lwa Bayibuli olwassibwa wansi eyo mu kusimbibwa kw'ejjinja ery'okunsonda.

18 Bantu mmwe ndi musanyufu nnyo ku lwammwe. Sisobola . . . Ekyo, ekyo kitono nnyo, o—okugamba obugambi nti, "Weewaawo, ndi musanyufu ku lwammwe." Naye mbasabira. Mbakkiririzaamu. Nzikiriza nti mwasisinkana Katonda. Ssikkiriza nti omusajja oba omukazi asobola okuvuga ebikumi n'ebikumi bya mayiro okujja wano, okulaga obulazi ngoye kika ki z'ayambadde. Ssi—ssikkiriza nti ekyo asobola okukikola. Nedda. Tebayinza kujja wano kweraga bwerazi. Bajja wano kubanga bakomeddwako ddala mu bwesimbu ku lw'okulokolebwa kw'emmeeme zaabwe. Okusaba kwange kuli nti: "Ayi Katonda nnyamba, nnyamba waakiri mbeere ne kimu kya kubiri eky'obwesimbu bwe butyo, okugezaako okuweereza gye bali n'ebyo byonna ebiri mu mutima gwange, nga bwe ntunuulira eri Katonda."

19 Obubaka, nga bwe mulaba, enkya ya leero, bukubiddwa wano ku lubaawo. Bwakukozesebwa, kunnyonnyola nga bwe tugenda mu maaso, okugezaako okubayamba musobole okutegeera kye ngezaako okwogerako.

20 Era eky'okuyigako kino ekya *Wiiki Za Danyeri Ensanvu* kibadde kyakuyigako kikulu nnyo ddala, ekintwalidde ennaku bbiri n'ebiro bibiri, kyenkana, ze mmaze, okutuuka ku nkomerero ya wiiki wano, mbadde ku ekyo, nga ngezaako okufuna ebigambo ebituufu eby'okwogera ebinajjayo Amazima. Kirina okukwatagana n'ebirala byonna ebiri mu Bayibuli. Okiraba? Tosobola kumala gakikwata, n'ojjayo Ekyawandiikibwa kimu kyokka n'obaako engeri gy'o—gy'okitegeeramu, n'ova awo n'ogamba nti, "Kati, kino bwe kiti bwe kigamba," ate bw'omala ne weekyusa n'ogamba nti, "Naye,

ate wano eno wo Ki—Kyogera kintu kirala, ekikontana na *kino*." Ekyo tekisobola kukikola. Kirina okwogera kintu ky'ekimu buli kiseera. Bw'otakikola, ddala, awo obeera—obeera mukyamu. Era eyo y'engeri gye ngezezzaako okukiyigirizaamu.

21 Ye ate nno, ku ntambi, engeri gye kiri nti bikwatibwa ku ntambi, okukolokotebwa okukyasinzeeyo kwe nfuna ku ntambi ezo, okuva eri baganda bange mu bitundu by'ensi eby'enjawulo, kwe kw'okukkiririza mu kisa kya Katonda, kwe njigiriza mu ngeri gye nkuyigirizaamu nti, "Twayawulibwa dda nga n'ensi tennabaawo."

22 Baganda bange Abapentekoote, weewaawo, nkimanyi nti endowooza zammwe za bantu abagoberera amateeka, mulaba, era nki—nkimanyi nti ekyo kirina engeri gye kitakwatagana na ndowooza zammwe. Naye osobola, nga ow'oluganda Omukristaayo, osobola okusooka n'okifuumiitirizaako ekimala n'ofukamira ku maviivi go mu maaso ga Katonda, nga olina Bayibuli yo, n'osaba Katonda akikunnyonnyole? Ekyo osobola okukikola? Osobola okukwata entegeera eri ey'oku ludda olugoberera amateeka n'ogezaako okugikwanaganya awamu okuva mu Lubereberye okutuuka mu Kubikkulirwa?

23 Wamu n'ekya, "Ezzadde ly'omusota," ekyo nga kye ki kazaalabulwa; ekyo abantu bangi tebakikkiriza. Naye, ssinga osoma mu Lubereberye, Bayibuli egamba nti omusota gwalina ezzadde. "Era Nditeeka obulabe wakati w'ezzadde ly'omusota n'Ezzadde ly'omukazi." Ekiraga nti, omusota gwalina ezzadde. Kati ezzadde ly'omusota bwe liba lyali lya mwoyo, kitegeeza ne Yesu teyali muntu, era Ezzadde ly'omukazi liba lyali lya mwoyo. Bombi baalina ezzadde, era obulabe bukyaliwo. Omusota gwalina ezzadde. Era ssinga onaakwata Bayibuli yo, n'okkakkana wansi ne weewombeeka mu maaso ga Katonda, nzikiriza Katonda ajja kukikubikkulira.

24 N'era bw'otaakitegeere, ndi—ndi mwetegefu, ekiseera kyonna, okukola kyonna kye nsobola okukuyamba, nga nkuwandiikira ebbaluwa ekunnyonnyola oba—oba nga nkusisinkana mu buntu, oba kyonna kye nnyinza okukola okusobola okukuyamba. Weewaawo, tukiraba nti ekyo tekirokola muntu, newankubadde okusalira omuntu omusango, wabula kyongera bwongezi kumulisa Kitangaala ku nsonga ffenna gye tugezaako ennyo okuleetera abantu okulaba. Mukiraba? Kyongera bwongezi kumulisa Kitangaala.

25 Kati, eri ekibiina kye ndabako wano, ebyo mbyogedde olw'entambi, kubanga mulaba, entambi zino zibuna, buli wamu.

26 Kaakano leka tukoteke emitwe gyaffe okumala akaseera, nga tetunnasemberera Nnyini Kigambo kino. Kati bameka mu kibiina enkya ya leero abalina obwetaavu, nga ogamba nti, "Nnina obwetaavu. Ayi Katonda, nsaasira"? Mukama abawe

omukisa. N'eri abo abaliwuliriza olutambi, bwe muliruwuliriza, nsaba Katonda abawe kye musaba.

27 Kitaffe ow'omu Ggulu, tuli bantu abeesiimye, naye ate era nga tuli bantu abatasaanira. Naye tujja eri Entebe Yo ey'obwakababaka ey'ekisa enkya ya leero, kubanga twayitibwa okujja. Yesu yagamba nti, "Musabe Kitange ekintu kyonna mu Linnya Lyange, Nja kukikola." Kati, tumanyi nti ekyo ddala kituufu.

28 Kaakano wano mu kibiina, n'ebweru eyo mu—mu nsi entambi gye zirigenda, oba oli awo walibaawo Abakristaayo nkumi na kumi abaazaalibwa omulundi ogw'okubiri bino abalibiwuliriza. Era tumanyi, Kitaffe, nti bwe tuzaalibwa omulundi ogw'okubiri, nti omwoyo gwaffe guba guzaaliddwa okuva Waggulu. Abeera Mwoyo wa Katonda, Omwoyo Omutukuvu, nga y'atusseeko. Era tukitegeera nti Omwoyo Omutukuvu oyo ayinza byonna era asobola okutukolera ekintu kyonna kye twagala okukolebwa. Kale nno, Kitaffe ow'omu Ggulu, tukusaba Osumulule okukkiriza kwaffe eri Omwoyo oyo, Asobole okututuusaako amakya gano, era ku lw'ekitiibwa ky'Obwakababaka bwa Katonda, ebyetaago bino byonna n'okuyaayaana kuno kwonna, tuwonyezebwe endwadde zaffe n'okunyigirizibwa kwaffe, tusobole okuweereza Katonda waffe n'ebyo byonna ebiri mu ffe.

29 Ggulawo amatu g'okutegeera kwaffe leero, era nga bwe nfuba okunnyonnyola ekibuuzo kino ekikulu, n'okukitangaaza obulungi mu ndowooza z'abantu. Kati, okunnyonnyolwa kwakyo nkulina wano mu buwandiike, ayi Mukama, ku lupapula, nga n'ekifaananyi kyakwo kikubiddwa ku lubaawo luno, ku kipande kino, naye era byonna tebimala kusobola kukinnyonnyola. Kaakano tukukoowoola, Ggwe Omuyigiriza omukulu Eyawandiika Ekigambo, Eyakiruŋŋamya, Eyakiwa nnabbi Danyeri. Era tusaba Osindike okuluŋŋamya enkya ya leero, mu nnaku zino ez'enkomerero, nga bwe Yayogera nti Ekitabo kirisibibwako okutuusa mu kiseera kino, Ojje oggulewo okutegeera kwaffe. Era leka wabeewo okukkiriza okutebenkedde mu mitima gyaffe okunaaleetera Ekigambo okusimba emmizi n'okuvaamu Obulamu, kibale emiti egy'obutuukirivu mu bulamu bwaffe, gye Kigendereddwa okukola. Ekyo tusaba okukkiriza kwaffe mu Katonda, kukitunywereze enkya ya leero. Kubanga kaakano tulindirira mu bwetoowaze, era nga twewongayo gy'Oli, mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

30 Kati, tusiima olw'enkya ya leero, olw'omukisa ogw'amaanyi nate okubikkula empapula zino ez'Ekigambo kya Katonda Ekitaggwaawo.

31 Kati, ensonga lwaki kino nsazeewo okugezaako okukinnyonnyola, eri lwa kuba nti kati tuli mu kuyita mu

Kitabo eky'Okubikkulirwa, era twakava mu mirembe omusanvu egy'ekkanisa. Era, kati, ku nkomerero y'essuula ey'oku 3 ey'Ekitabo ky'Okubikkulirwa, Ekkanisa eggyibwa ku nsi, n'etwalibwa waggulu mu Kitiibwa. Era ngezaako, n'omutima gwange gwonna, kino okukireeta eri abantu, nti balina kye basuubira okubaawo, kye balaba nti kyawandiikibwa mu Kitabo ky'Okubikkulirwa, wabula nga kyali tekikwata ku mulembe gwa kkanisa. Ate tusemberedde nnyo enkomerero okusinga bw'olowooza.

32 Ebiro bitono ebiyise, Billy, mu . . . Manyanga mukamwana wange, gwe mbadde ntegeeza, yankubira essimu, eyo mu kiro, n'aŋŋamba nti waaliwo omusajja ayitibwa Andy Herman, kizibwe wange, eyali mu ddwaaliro, nga afa. Ne ŋŋendayo okumulaba. Baali baamukubye eddagala kale ne . . . lingi nnyo, eryali limwebasizza, kale ssaasobola kwogerako naye. Enkeera ku makya . . . Nnasaba Katonda amukuume nga mulamu okutuusa lwe nnaasobola okwogerako naye. Andy musajja mulungi, wabula ekyamuliko kyokka teyali Mukristaayo. Ye ssi kojja wange; wabula kizibwe wange, yawasa kizibwe wange.

Kati Ssenga Ade bwe yaŋŋamba, nga ayimiridde awo, yaŋŋamba nti, "Billy, emyaka ekinaana gino gyonna egy'obulamu bwe, abadde taweereza Katonda. Naye," n'agamba nti, "wiiki ntono emabegako yali atudde mu nnyumba . . . " Ye, ku myaka gye ekinaana, weewaawo, takyakola mirimu giri awo gya kukakaalukana. Naye agamba nti . . .

Yamuyita n'amugamba nti, "Ade, nkubuulira ki? Kristo andabikidde wano, eddakiika ntono ezaakayita."

Ssenga n'amutunuulira, n'amubuuza nti, "Andy, o—o . . . Mutawaana ki?" N'agamba . . .

Ye n'amuddamu nti, "Nedda. Ayimiridde wano wennyini mu maaso gange, era Alina ky'aŋŋambye."

N'amubuuza nti, "Agambye ki?"

"Obudde buyise nnyo n'okusinga bw'olowooza."

33 Waayitawo wiiki ntono, wiiki nga bbiri oba ssatu, n'akubwa pppuleesa n'asannyalala n'aweebwa ekitanda eyo mu ddwaaliro, nga afa. Ne ŋŋamba nti, "Ssenga Ade, gwakusinga obutampita oba okubaako omuntu omulala yenna gw'oyita, okujja okuteekateeka omutima gwe olw'akaseera kano kaakano k'atuuseemu."

34 Nnasaba Mukama, enkeera ku makya, bwe nna . . . Yali tasobola kwogera, kale nnamubuuza bubuuza. Nnamubuuza nti, "Osobola okumpulira, Kojja Andy?" Naye nga—nga anyeenyaamukko bunyeenya omutwe gwe n'okutambuza emba ze. Ne mmusabira, ne mmusobozesa okwenenya ebibi bye eri Katonda. Ne njagala mmubatize, ne Ssenga Ade naye n'ayagala abatizibwe.

35 Ne nvaayo ne nzikirira ku mwaliiro oguddako, okubaako omukyala gwe ndaba abeera ku muliraano wano, gwe baali bagenda okusindika mu ddwaaliro ly'abatabufu b'emitwe, era Mukama n'amukolera ekintu eky'amaanyi, n'asiibulwa n'akomawo eka.

Kati, mba nvaayo, ne nsisinkana mwannyinaffe omu omuddugavu, n'ambuuza nti, "Ssi ye ggwe Ow'oluganda Branham?"

Ne mmuddamu nti, "Ye nze."

N'ambuuza nti, "Onzijukira? Nze Muky. Drye."

36 Ne mmuddamu nti, "Weewaawo, ndabika nkujjukira. Pete Drye n'abalala." Ne mmugamba nti, "Weewaawo, nku—nkujjukira." Ne yeetegereza awo mu kasenge, era bwe twa . . . Nneewuunya lwaki yayogera bw'atyo. Kati, mu kaseera ako, Kojja Andy yali agolokose ku kitanda, nga atudde, bw'atambuza emikono gye n'engalo nga omuntu omulala yenna, nga bw'agezaako okussa wansi, ekikugira ekiri ku kitanda, asobole okuvaayo. Era kati bajja okubatizibwa mu Linnya lya Mukama waffe Yesu, ye ne mukyala we.

37 N'olwekyo, naye kati ebyo ensonga endeetedde okubyogera, eri nti obudde buyise nnyo okusinga bwe tulowooza. Era nzikiriza nti eky'okuyigako kino ekya *Wiiki Za Danyeri Ensanvu* kijja kutuleetera okukitegeera obulungi.

38 Kati, abasinga obungi ku baganda baffe Abapentekoote, kye nnayogeddeko emabegako ku bikwata ku lutambi, nti Kino tebakkiriziganya nakyo. Bo balindirira ekintu eky'ekitalo, eky'amaanyi okubaawo. Naye, baganda bange, bwe munaawuliriza bulungi ddala n'obwegendereza, ne muta . . . ne muwuliriza, mujja kukizuula nti ekintu ekyo eky'ekitalo, eky'amaanyi kyamala dda okubaawo. Yesu mwetegefu okudda.

39 Ekkanisa eviirawo mu ssuula ey'oku 3 ey'Okubikkulirwa. Wakati awo tewali kintu kirala kyonna kyayogerwako, okuggyako ekintu ekisembayo okubaawo ye mubaka asembayo ow'omulembe. Kati okuva awo, ne tulaba Bayudaaya okutuusa okukomawo n'Omugole nate, mu ssuula ey'e 19. Okuva ku ssuula ey'omu 6 okutuuka ku y'e 19 byonna bikwata ku Bayudaaya.

Awo we njagala okunnyonnyola muganda wange omulungi ali wano mu kiseera ky'Obubonero buno, Ow'oluganda Wood, eyali ow'enzikiriza y'Abajulirwa ba Yakuwa, n'ab'omu maka ge bonna, abali wano enkya ya leero, nti abo "emitwalo ekkumi n'ena mu enkumi nnya" tebaali, tebalina kakwate konna na B'amawanga. Abo Bayudaaya. Mukiraba? Era si gwe Mubiri gwa Kristo ogutalabika oguli mu nsi leero.

Omugole ye Mubiri ogwo ogutalabika. Ku bw'Omwoyo Omutukuvu tubatizibwa okuyingira mu Mubiri ogwo ogutalabika.

40 Kati, tukimanyi nti mu Kitabo kya Danyeri wano, we tubadde tusoma, tugenda kuddamu nate tusome kubanga Kigambo Kye. Mu ssuula ey'o 9 eya Danyeri, olunyiriri olw'a 24.

> *Sabbiiti ensanvu ziragiddwa abantu bo n'ekibuga kyo ekitukuvu, okukomya okwonoona,. . . n'okumalawo* ekibi, *n'okutabaganya olw'obutali butuukirivu, n'okuyingiza obutuukirivu obutaliggwaawo, n'okussa akabonero ku ebyo ebyayolesebwa ne ku ebyo ebyalangibwa, n'okufuka amafuta ku ekyo ekisinga Obutukuvu.*

Olunyiriri olw'a 25, "Kale n'olwekyo manya era otegeere nti, okuva. . . " Kati, ekyo kye tubadde twogerako, era ekyo kye twawunzika nakyo ku Ssande akawungeezi, "okufuka amafuta ku ekyo ekisinga Obutukuvu." Kati wano we tugenda okutandikira enkya ya leero, ku lunyiriri olw'a 25. "Kale n'olwekyo. . . "

> *Kale manya otegeerere ddala nga kasooka ekiragiro kifuluma okuzzaawo* n'okuzimba *Yerusaalemi* (ekyo kye "kibuga kyo ekitukuvu," mukiraba) *okutuusa ku. . . Masiya Omulangira, walibaawo sabbiiti musanvu: era walibaawo sabbiiti nkaaga mu bbiri: ne kizimbibwa nate, n'oluguudo n'olusalosalo, newakubadde mu biro* eby'okutegana.
>
> *Era sabbiiti nkaaga mu bbiri bwe ziriggwa, Masiya alisalibwako, so si ku lulwe ye: n'abantu ab'omulangira alijja balizikiriza ekibuga n'awatukuvu; n'enkomerero ye eriba n'amataba* ag'amaanyi, *n'okutuusa enkomerero walibaawo entalo: okuzisa kwalagirwa.*

"*Era*. . . " Kati, mujjukire nti eyo y'enkomerero y'olutalo. Tukirina wano ku lubaawo. "Era," kati tugenda kutandika ekintu ekirala.

> *Era aliragaana endagaano ennyweevu n'abangi okumala ssabbiiti emu: ne mu kitundu ekya ssabbiiti alikomya ssaddaaka n'ekitone, ne ku kiwaawaatiro* eky'eby'emizizo *kulijjirako oyo alizisa: n'okutuusa byonna okutuukirizibwa* (kitegeeza, byonna), *okwo kwe kwalagirwa, obusungu bulifukibwa ku oyo azisa.*

41 Ha, nga kyakuyigako kikulu nnyo! Luli nnagamba mukyala wange nti, "Nneewuunya oba nga ddala abantu bakitegeera." Kati, njagala mukitegeere. Temu. . .Bwe muba, bwe kiba kitwetaagisa kubeera wano olunaku lwonna, tujja kusigalawo. Kati, twa—twa—twagala tukitegeere. Mukiraba? Twa—twagala tutegeere nti ge Mazima. Era, mmwe, ssinga musobola okukitegeera! Era nja kusaba, oba oli awo. . .

42 Kati oluvannyuma, bwe tunaaba tumalirizza, ekipande nja kukirekawo nga kitimbiddwa waggulu wano, kale mu—mujja kusobola okukikoppolola, oluvannyuma nga tumalirizza.

Ojja kuba osobola okuyingira wano olw'eggulo, oba wonna w'oyagalidde, okikkoppololeko ebifaananyi ebyo n'ebirala. Kijja kubayamba okukitegeera obulungi. Eyo y'ensonga lwaki nnakitimbye waggulu awo, musobole okukitegeera.

43 Kati, leka tusooke twejjukanyeemu katono ku bye twayitamu tusobole okufuna we tusinziirira. Kati waaliwo . . . Danyeri yali akwatiddwako ku lw'abantu be, kubanga yali asomye Yeremiya nnabbi, n'akitegeera nti Yeremiya yali yayogera nti baali ba kumala mu buwambe emyaka nsanvu. Era oluvannyuma lw'okusoma, yakiraba nti baali baakamala mu buwambe emyaka nkaaga mu munaana, bw'atyo n'akimanya nti ekiseera kyali kituuse. Kye yava ateeka ku bbali emirimu gye gyonna, n'awummuza, nga bwe twandikiyise, buli kika kya mirimu gye yalina okukola buli lunaku. Obwenyi bwe n'abwolekeza eri Katonda, n'ayambala ebibukutu ne yeesiiga n'evvu, n'atanula okusiiba n'okusaba, asobole okutegeera ekiseera ekyo lwe kiriba. Era tukizuula, nga bwe nnakyogerako emabega . . .

(Eyo osobola okugikyusaamukko, n'etunula erudda *eri*, katono?) Faani eyo, erudda eno ewujjawo empewo nnyingi nnyo. Endeetera okukala emimiro. Kale . . . (Weebale, ow'oluganda.)

44 Kati, twakiraba nti Danyeri yali ayagala okumanya ebikwata ku nsonga eno ku lw'abantu be. Era muli ndowoozaamu nti, Danyeri bw'aba nga okuyita, mu kusoma ebya bannabbi abaamusooka, yasobola okufuna okutegeera okw'engeri eyo, nti yali asemberedde enkomerero, bw'atyo n'anoonya Katonda, okusobola okutegeera enkomerero yali esembedde kwenkana wa, ndowooza nti naffe tuba batuufu, bwe tukiraba nti tutuuse ku nkomerero y'olugendo kaakano, ne tutambala bwambazi bibukutu na kwesiiga vvu, wabula ne tusuula eri ebintu by'ensi, n'ebitweraliikiriza eby'obulamu buno, ne tunoonya Katonda, okusobola okutegeera lunaku ki olw'omwaka lwe tulimu, kubanga tukiraba nti tuli ku nkomerero, Ekkanisa esobole okusiiba n'okusaba yeetegeke. Y'ensonga lwaki nfubye okugezaako . . . Nnali simanyi na ngeri ya kukinnyonnyolamu, kubanga buli mulundi nkiyisengako buyisi, nga ŋŋamba bugambi nti, "Wiiki za Danyeri ezo ensanvu," kubanga nnali ssikitegeera. Era eyo y'ensonga lwaki ku luno nneewadde ekkatala, ery'okugezaako okukinnyonnyola. Era nzikiriza, nti nga Mukama annyambye, nsobola okukikola olw'ekisa Kye, okukituusa, we nnaabalagira bwe tusemberedde ennyo Okujja kwa Mukama waffe.

45 Kati, Danyeri yali abuzaayo emyaka ebiri gyokka. Era tukizuula, nti, bwe yali akyali mu kusaba, Malayika, Gabulyeri, yadduka n'agenda gy'ali; era teyakoma ku kumunnyonnyola bunnyonnyozi ddi abantu be lwe baali bagenda okuva mu buwambe, wabula, yamunnyonnyola, na byonna ebyali eby'okutuuka ku bantu be, ne byonna ebyali bisigaddeyo

okutuuka ku bantu be. Yamugamba nti, "Wasigaddeyo wiiki nsanvu eri Abayudaaya."

46 Era, tukizuula nti, Yalina ebigendererwa bya mirundi mukaaga. Nga ekimu ku byo, kwali kukomya okwonoona; ne—n'okumalawo ekibi; okukola okutabaganya ku lw'obutali butuukirivu; okuyingizaawo obutuukirivu obutaliggwaawo; okussa akabonero ku ebyo ebyayolesebwa ne ku ebyo ebyalangibwa; n'okufuka amafuta ku ekyo ekisinga Obutukuvu.

47 Era twalaba, ku makya ga Ssande ewedde, Danyeri mu mbeera ye eyo gye yalimu wansi awo, nga asaba. Era ne ku Ssande ewedde akawungeezi, nga bwe tuwa n'Ebyawandiikibwa abantu basobole okubisoma nga bazzeeyo eka. Mwabisoma? Mwabyagala? Ekyo kirungi!

48 Kati, ekigendererwa eky'emirundi omukaaga. Era twakiraba nti, ku kigendererwa kino eky'omukaaga, "okufuka amafuta ku ekyo ekisinga Obutukuvu," twakiraba nti "ekisinga Obutukuvu" bulijjo kyali kyoleka Kkanisa, Weema. Era ekintu ekisembayo ekyalina okukolebwa, kwali kufuka mafuta ku ekyo ekisinga Obutukuvu, nga ye Weema ey'omu kufuga okw'Emyaka olukumi gy'Alibeeramu mu kiseera eky'okufuga okw'Emyaka olukumi, gye tulibeeramu.

49 Kati, olwa leero, kati tugenda kukwata ku kino nti, "Wiiki ensanvu zitegeeza ki?" Era kino kitundu kikulu nnyo, wiiki ensanvu.

50 Kati, tukimanyi nti Ebyawandiikibwa tebiyinza kulimba. Birina okuba nga byo ge Mazima. Era Malayika ono Gabulyeri bw'aba yajja n'agamba Danyeri nti wasigaddeyo wiiki nsanvu zokka eri Abayudaaya. . . Kati, tusobola okukigeraageranya ne wiiki ey'ennaku omukaaga. . . manyanga wiiki ey'ennaku omusanvu. Naye, mu bunnabbi bulijjo ebintu biweebwa kuyita mu ngero.

51 Kale n'olwekyo, tewali kubuusabuusa kwonna nti okuyita mu mirembe, wabaddewo abantu bikumi emirundi bikumi, abayivu, abasajja abalina obusobozi, abaagezaako okunnyonnyola kiki wiiki zino ensanvu kye zaali zitegeeza. Era nsomyeko bingi ku biwandiiko byabwe mwe bannyonnyolera ku nsonga eyo. Era nsiima nnyo Mw. Smith, ow'ekkanisa y'Abadiventi, olw'endowooza ze. Nsiima nnyo Dokita Larkin, olw'endowooza ze. Nsiima abayivu bano bonna ab'amannya, olw'endowooza zaabwe ku nsonga eno. Era mu kusoma ku ndowooza zaabwe ezo, zindeetedde okufuna okutangaazibwa okw'amaanyi, ne nsobola okubaako ne bye nzuulamu ebirabika okuba nga bituufu. Naye okusobola okufuna endowooza ze—ze nnalowooza nti ze nnandyagadde okunnyonnyola, nnanoonya mu ensayikulopidiya, ku "kiseera," okuzuula "ekiseera" kye kitegeeza.

52 Era wano tukiraba, nti tulina "ekiseera, ebiseera, wamu n'okugabanyizibwamu kw'ebiseera." *Ekiseera* kitegeeza ki? *Wiiki* etegeeza ki? Kati, egyo gibadde emyaka enkumi ssatu, mu bina mu asatu egyakayitawo, okuva kino lwe kyabaawo, okuva Katonda lwe yatandika okukolagana n'Omuyudaaya; emyaka mingi nnyo ddala, egyakayitawo. Danyeri yaliwo mu kiseera kya B.C., era mu kiseera ekyo omwaka gwali B.C. 538, nga gy'emyaka 538 nga Kristo tannazaalibwa, we yayogerera kino ekya "ekiseera, n'ebiseera, n'okugabanyamu okw'ebiseera." Era, wiiki ensanvu, mulabe wa wiiki ensanvu gye zandimukomezza. Kubanga tulaba nti, yali akyali mu Babulooni, mu wiiki ensanvu, kyokka nga ate Katonda yamugamba nti ekyo kye kyali ekiseera kyonna awamu ekyali kigerekeddwa eri abantu abo.

53 Kati, ekkanisa yange wano mukimanyi nti emyaka gyonna mbaddenga mbagamba nti, "Bw'oba oyagala okumanya olunaku lwa wiiki, tunula ku kalenda. Naye bw'oyagala okumanya ekiseera kye tulimu, Abayudaaya abo b'oba otunuulira." Abo y'essaawa yokka eraga ekiseera mwe tuli. Katonda tewali ki—kiseera kyonna kya njawulo kye yali agerekedde Ab'amawanga; tewali kiseera kya njawulo kyabagerekerwa. Era ndowooza nti awo abawandiisi abasinga obungi ab'amaanyi we baakitabulira, kubanga kino baagezaako okukiwandiikako nga bakiteeka ku Bayudaaya n'Ab'amawanga, kubanga Yagamba nti, "Abantu bo." Naye Yali ayogera eri Danyeri, so si eri Kkanisa; eri abantu ba Danyeri, Abayudaaya. Bw'ogamba nti Yali ayogera eri Kkanisa, ekyo tolina wantu wonna w'osobola kukikwataganya; obeera—obeera oli mabega ddala eri, nga n'okujja kwa Kristo tekunnabaawo. Tewali bunnabbi bwonna bwogera ku wiiki bwe wandisobodde kukyesigamyako ne kikwatagana nabwo. Kiri bweru wabwo. Naye Yali ayogera eri Bayudaaya, n'olwekyo Abayudaaya y'essaawa ya Katonda yokka eraga ekiseera mwe tuli.

54 Mujjukira wano, gye buvuddeko, Ow'oluganda Arganbright, ow'e California, amyuka omukulembeze w'Ekibiina eky'Ensi yonna eky'Abasajja Abasuubuzi abakkiririza mu Njiri Enzijuvu, bwe yajja ewange n'ajja ne—n'olutambi; terwali lutambi, wabula ya—yali ffirimu gye baa. . . eyitibwa *Eddakiika Ssatu Ezibulayo Ettumbi* likoone. Gye baazannya nga beesigama ku kunoonyereza kwa ssaayansi. Bwe nnalaba Abayudaaya abo nga bakomawo, nga baddayo e Yerusaalemi, nnajja wano mu kkuŋŋaaniro, ne mbagamba nti, "Mpulira nga azzeemu ne nkyusibwa nate." Bangi ku mmwe ekyo mukijjukira. Nnabagamba nti, "Okulaba Abayudaaya abo nga baddayo ewaabwe!"

Yesu yagamba, mu Matayo essuula ey'e 24 nti, "Bwe mulaba omutiini nga amalagala gaagwo gatandise okutojjera." Mumanye kiki eky'okwetegekera, mulaba, Abayudaaya nga baddayo ewaabwe!

55 Kati, wano nninawo bye nnawandiise bye nnina okukoonako. Nnandyagadde mbyogereko. Kati, kaakati, ŋŋenda—ŋŋenda kugenda mpola mpola, nammwe musobole okubiwandiika. Kati, bino byonna bibaawo, bino . . . Kati tu . . . Mu kiseera kye tulimu kaakano, bino byonna bituukirira eri . . . Bya Kiyudaaya; tebirina kakwate konna na Kkanisa, yadde akamu bwe kati. Buli kimu kyonna okuva mu Kubikkulirwa essuula ey'o 3, okutuuka ku y'e 19, tekirina kakwate konna na Kkanisa. Tolina ngeri yonna gy'oyinza kukinnyonnyolamu ne kikola amakulu. Kubanga tekiriimu.

56 Kati kino njagala nnyinyonnyole engeri gye nnakizuula. Kati, ku lubaawo, bangi ku mmwe mujja kukiraba nti nnina ekifaananyi ekiraga, ebiseera eby'enjawulo mu mabanga ag'enjawulo ageeyawudde, okulaga engeri gye bigya mu bbanga eryo, kibeere nti buli muntu anaasobola okukitegeera. Musobola oku . . . Ndowooza, ab'emabega temusobola kubulaba bulungi, obunyukuta butono nnyo. Eyo nno mpandiika ya Becky. Nnalowozezza nti . . . Kati nno, ekyo ekifaananyi, ekyange ate kyo kyali kirabika bubi n'okusinga ku ekyo. Naye, ekyo Becky ye yakikuba, ekifaananyi ekiraga ekirooto kya Nebukadduneeza. Naye, Becky, nze ndowooza kifaanana nnyo omuwala mu kifo ky'okufaanana omusajja. Naye, era kale, ki—kijja kuggyayo amakulu, ge twagala.

57 Kati, bwe tusoma mu Bayibuli nti waliwo wiiki ensanvu ezaagerekerwa abantu abo, kaakati, e . . . tezirina kakwate konna na Kkanisa. Wiiki ensanvu tezirina kakwate konna na Kkanisa. Bwe weetegereza wano, ku kipande, emirembe gy'ekkanisa ngirina wakati mu wiiki ezo ensanvu.

58 Tugirina wano eno. Waliwo ow'oluganda omu ava mu Georgia eyatukubira ekifaananyi ekyo wano, bwe twali tuyiga ku mirembe omusanvu egy'ekkanisa. Era tukakasa nga kino tutegeera kye kitegeeza. Akatundu kano akeeru akali mu kkanisa wano eno, kategeeza nti ebyo byonna awo byali mu nkola ya kitume. Kati okuva awo bwe tudda mu mulembe gw'ekkanisa ogw'okubiri, baalina enjigiriza y'Abanikolayiti, manya, baalina bikolwa by'Abanikolayiti; byali tebinnafuuka njigiriza. Mu mulembe gw'ekkanisa ogw'okusatu, ne bifuuka enjigiriza. Ate mu mulembe gw'ekkanisa ogw'okuna, ne bigunjibwamu enkola, eyo nga bwe bwa ppaapa bw'e Rooma. Ate mu—mu mulembe gw'ekkanisa ogw'okuna, egyo gye gyali emirembe egy'ekizikiza.

Bwe weetegereza, enzikiza yonna eri okwo eyoleka nkola ya Kinikolayiti, oba Kiruumi. Akatundu akeeru kooleka Omwoyo Omutukuvu, Ekkanisa. Era, bwe yali etandika mu biseera by'Omutukuvu Pawulo, Ekkanisa yonna ey'abatume mu bulamba bwayo yajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu. Oluvannyuma abakungu ne batandika okugiyingiramu. Okumaliriza nga beegasse wamu ne bagikolamu ekkanisa empya. Era ab'omu

kkanisa entono ne bookebwa, ne bakubibwa amayinja, ne baweebwayo eri empologoma ne zibalya, n'ebirala ebitali bimu.

59 Mu Kuddaabulula ne wajja Luther, nga ekyo kyali kitangaala ekisinga ku ekyo ekyaliwo, mukiraba. Mu nnaku za Wesley, naye n'ayongera n'abaako ekitangaala ekisingako ky'aleeta. Naye mu mulembe gw'ekkanisa ogusembayo wano, omulembe gw'ekkanisa ey'Ekinikolayiti, awo nga gwe mulembe mwe. . . Si gwa Kinikolayiti, wabula ogwa Lawodiikiya, nga ogwo gwe mulembe mwe tuli. Bwe mwetegereza, mulaba nga omwo temuli Kitangaala kingi nnyo kiri awo.

60 Waliwo omuntu omu, ye bwe yalaba ekifaananyi ekyo waggulu awo, n'agamba nti, "Nga oswadde nnyo, Ow'oluganda Branham! Guno mulembe mukulu nnyo gwa butegeevu!"

Ne mmugamba nti, "Nnaagulaba, bwe gunaakuŋŋuntibwa, ekyo n'okuba tekiggyirayo ddala kiki kye guli mu bujjuvu, bw'oggyamu abalongoofu mu mutima, abaazaalibwa omulundi ogw'okubiri n'Omwoyo." Mujjukire nti, guno gwe mulembe gw'ekkanisa gwokka, Kristo mwe yagoberwa ebweru w'ekkanisa Eyiye ku Bubwe, mu mirembe emirala gyonna. Weewaawo tulina bye tweyita eby'amaanyi, naye, "Ddala ekyannamaddala tukirina?" ekyo kye twogerako. Ddala Kristo mu kkanisa mw'ali? Eribaamu batono nnyo ddala.

61 Kati, kaakano leka tulambulule wiiki ensanvu eza Danyeri. Kati njagala kino nkiddemu nate wano nti; mmwe abaweereza b'Enjiri, kino bw'oba tokkiriziganya nakyo, tewali buzibu. Wiiki zino zaawulwamu ebitundu bisatu, nga bwe tukizuula mu Danyeri 9. Ebitundu bisatu. Ekisooka, kitundu kya wiiki musanvu; ne kuddako nkaaga mu bbiri, ze nkaaga mu ebbiri; ne kuddako ekitundu ekya wiiki emu. Zaawulwamu ebitundu bya mirundi esatu eby'enjawulo.

62 Kati, nnazaawuddemu nzirina wano ku lubaawo. Ekitundu ekisooka; ekitundu eky'okubiri; era okusinziira nga bwe mmanyi, okuyita mu Njiri, ne ku bw'Omwoyo Omutukuvu, mmanyi nti, mu kiseera eky'enkomerero, Katonda addayo nate eri Abayudaaya.

63 Kati, tumanyi, okuyita mu Njiri zonna, Pawulo ze yayigiriza, n'abalala, nti Katonda aliddayo nate eri Abayudaaya. Kale, kati, bw'Aba nga agenda kuddayo nate eri Abayudaaya, ekyo tuyinza kukiteeka wa mu biseera Danyeri by'ayogerako? Tulina kukiteeka mu mulembe guno ogusembayo. Era kibaawo nga Ekkanisa y'Ab'amawanga emaze okugenda, kubanga Akolagana ne Isiraeri nga eggwanga, ate ffe n'akolagana naffe nga omuntu ssekinnoomu.

64 Kati, nnina wano ekiwandiiko kye nnandyagadde okubasomera nga bwe tugenda mu maaso. Kati:

> . . . *ekiragiro* *kifuluma* okuddamu okuzimba *Yerusaalemi* . . .

Ekyabaawo, ku lunaku olw'e 14 omwezi gwa Maaci. Ekyo bwe wabaawo omuntu yenna ayagala okukiwandiika, mu lulimi Olwebbulaniya ojja kukisanga nga kiyitibwa *N-i-s-a-n*, *Nisan*, ekitegeeza "Maaci." Ekiragiro kyaweebwa ku lunaku olw'e 14 mu mwezi gwa Maaci, B.C. 445, ekiragiro lwe kyafuluma okuzimba, okuddamu okuzimba yeekaalu. Mukitegeera, kubanga bantu mmwe musomye Ebyawandiikibwa. Okutuusa lwe yaggwa, kyatwala emyaka ana mu mwenda okumaliriza yeekaalu wamu n'ekibuga, okuddamu okukizimba. Era nga Bayibuli bw'egambye wano, nga Danyeri ayogera, manya nga Malayika ayogera eri Danyeri, nti:

> . . .*ebisenge*, era kirizimbibwa *mu biseera* ebizibu ennyo.

Era bangi ku ffe tujjukira nti, bwe kyali kizimbibwa, baakwatanga ettofaali mu mukono ogumu n'ekitala mu mulala, okusobola okwerinda omulabe. "Era kirizimbibwa mu biseera ebizibu."

65 Kati, wano we nzigya, ennaku zange bwenti bwe nzifuna. Kati, tulina kalenda bbiri, manyanga kalenda ssatu ez'enjawulo. Tuddayo emabega ku kalenda enkadde eyesigamizibwanga ku nsengeka y'emmunyeenye, ne tukiraba nti mu kalenda eyitibwa eya Julian omwaka gulimu ennaku bisatu, mu nkaaga mu ttaano ne kimu kya kuna eky'olunaku. Nga ekyo baakigereka nga basinziira ku kwetooloola kwa Sardis n'emmunyeenye ez'enjawulo, n'ebirala ebitali bimu. Nga kwe baasinziira okukigereka bwe batyo. Kati tukiraba nti, mu kalenda y'Abaruumi, gye tugoberera mu kiseera kino, omwaka gulimu ennaku bisatu mu nkaaga mu ttaano, okusinziira ku kalenda eyo. Naye ate mu kalenda y'Ekikristaayo, oba ey'obunnabbi, tusanga nti omwaka gulimu ennaku bisatu mu nkaaga zokka. Kati, muyinza okwebuuza engeri akavuyo kano gye kajjamu.

66 Kaakati, kino nkyogera nga nze. Nzikiriza nti edda eri nga okuzikirizibwa n'amataba tekunnabaawo, edda eri mu nnaku za Yobu, n'ebirala, nti obudde baabugeranga basinziira ku mmunyeenye. Era tukitegeera nti, manya nga ekiseera ekyo tekinnabaawo, nti ensi yali eri busimba. Naye omuntu bwe yayonoona, ensi n'ewambibwa, ne yeewunzika amataba bwe gajja, kye tuva tulina entuumu z'agayinja g'omuzira ago, n'ebiringa ebyo, era nga kati ku ntikko ne ku ntobo y'ensi yonna wajjudde muzira. Ekyo tukimanyi. Era ensi teyimiridde busimba. Naye yeewunzise. Ekyo kyaginyeenya ne kigijja mu kifo omwezi n'emmunyeenye, we byali bigiteebeddemu, n'eseeseetuka. Manya—manya, kati tokyayinza kugizisinziirako nga ogereka obudde, kubanga kati ensi teteredde nga bw'erina kuba, kati yeewunzise. N'olwekyo, kati emmunyeenye ezo eba tekyasobola kuziteeberamu mu kiseera kye kimu, kubanga ya—yaseeseetuka n'eba nga tekyateebedde mu kifo mwe

yali n'emmunyeenye ezo. Mukitegeera? Nzikiriza ekyo kye kyabaawo.

67 Kati eyo y'embeera ensi eno mwe yasigala. Era ekyo kiraga bulazi nti kino kiriwo lwa kaseera buseera. Ekyo temukiraba? Katonda tabeera na bintu bigootaanye. Agirese bulesi egire nga eri bw'etyo okumala akaseera katono. Era nzikiririza ddala nti ekyo kye kyaliwo.

Era mu nnaku zino ez'oluvannyuma Katonda mw'agenda okubikkulira ebyama bino eri Ekkanisa. Abadde takikolanga. Era ensonga lwaki abadde Tannakikola eri nti, yayagala Ekkanisa esigale mu kulindirira n'okusaba ekiseera kyonna, basigale nga tebamanyi ddi lwe kinaabaawo. Naye mujjukira nti, mu Danyeri 12, Yagamba nti, "Abalina amagezi balitegeera mu biro eby'oluvannyuma, mu nnaku zino ez'oluvannyuma." Mukiraba? Kyamuweebwa.

68 Omwoyo Omutukuvu ajja mu Kkanisa, okubitegeeza eri Ekkanisa, okuyita mu kubikkulirwa kw'Omwoyo Omutukuvu, nga ayingiza Ekkanisa munda era nga agibikkulira okutegeera ebiro bye tulimu. Mu ngeri y'emu nga Gabulyeri bwe yajja eri—eri Danyeri, n'Omwoyo Omutukuvu bwatyo bw'ajja eri Ekkanisa mu nnaku ez'enkomerero, okubikkula ebintu bino ebikulu, eby'obuziba, eby'ekyama. Kati mukitegeera?

69 Kati, ekyo kiba kiggyamu omwaka ogwo ogubalibwa nga basinziira ku nsengeka y'emmunyeenye manya oguyitibwa ogwa Julian, kalenda eyitibwa etyo, mukiraba, n'omwaka ogw'ekimasoniki, kubanga ensi yeewunzise. Ekyo ffenna tukimanyi, okuva ku bye twayigirizibwa mu ssomero. Era yaseeseetuka okuva mu kifo mw'erina okuba, na bwe kityo, emmunyeenye ezo, tezisobola kuteebera mu kisinde kya nsi mu kiseera kye kimu. N'olwekyo ne kalenda y'Ekiruumi nayo, nkyamu, kubanga ennaku zaayo tosobola kuzenkanyankanya. Waliwo ebintu biyitirivu obungi wano bye nnandyogedde. Ekyo tukiraba, n'okuyita mu butonde bwennyini, butuyigiriza nti omwaka gulimu ennaku amakumi asatu asatu zennyini mu buli mwezi.

70 Kati, muleke tulabe mu Kubikkulirwa we tugenda okulabira ku nnaku za bannabbi ababiri. Bayibuli egamba nti, "Baalagula okumala ennaku lukumi mu bibiri mu nkaaga." Kati, ekyo kinnyonnyole nga okozesa kalenda eyesigamizibwa ku nsengeka y'emmunyeenye, eky'amazima ejja kukuwa ekyawukanira ddala n'ekyo eky'emyaka esatu n'ekitundu. Kozesa ne kalenda y'Abaruumi gye tulina olwa leero, nayo ejja kukuwa ekyawukanira ddala n'ekyo. Naye kozesa kalenda ey'obunnabbi, ojja kufuna ennaku lukumi mu bibiri mu nkaaga zennyini, nga buli mwezi gulimu ennaku asatu. Mukiraba?

71 Mu myezi egimu tulinamu ennaku asatu, ate oguddako ne gubaamu asatu mu lumu, ate egimu ne mubaamu abiri mu

munaana. Mukiraba, ffenna tuli mu kavuyo. Naye Katonda ebibye tebibuukabuuka, nga bidda waggulu ne wansi, bidda eno n'eri. Ye akikola nga kyonna kye kimu wonna. Yee, ssebo. Nga mu gyonna mulimu ennaku ze zimu, ennaku asatu mu mwezi; si nnaku asatu mu lumu mu myezi egimu, ate emirala asatu, ate emirala ndala. Mukiraba? Naye ebyo byonna byakolebwa bibeere bwe bityo mu nteekateeka ya Katonda, okusobola okuleetera Ekkanisa okusigala nga erindirira era nga esaba, nga yeetegese, nga ebyambalo byo binaaziddwa mu Musaayi gw'Omwana gw'endiga. Naye, ha, mu nnaku zino ez'oluvannyuma, Yasuubiza! Uh-huh. Kati tulaba wa we tuli. Kati, mujjukire nti, ekigendererwa, ekigendererwa kyokka, kwe kukola kino.

72 Kati, bwe waba waaliwo musanvu. . . Mulabeeyo, waliwo ennaku ana mu mwenda zennyini. . . emyaka ana mu mwenda, manyanga, mu kiseera ky'okuzimbibwa kwa yeekaalu. Omusanvu ogwo, ze wiiki omusanvu ez'obunnabbi, wiiki musanvu, kubanga waliwo wiiki musanvu ezaagerekerwa ku lwa yeekaalu, okuddamu okuzimba yeekaalu. Era yazimbibwa mu myaka ana mu mwenda gyennyini. Kati awo tufunye amakulu g'ekiseera ekya wiiki, kubanga Bayibuli bw'eba yagamba, Malayika bw'aba yagamba nti, waliyitawo wiiki musanvu okutuusa okuzimbibwa kwa yeekaalu lwe kuliggwa. Era nga kyatwala emyaka ana mu mwenda gyennyini okuzimba yeekaalu, okuva—okuva mu mwezi gwa Maaci nga 14 okutuusa mu mwaka B.C. 5—538. Okutuusa yeekaalu lwe yazzibwaawo nate, n'enguudo ne zizzibwawo, waayitawo emyaka ana mu mwenda gyennyini. Kitegeeza, tufuna ki? Tufuna ki? Kubanga, bwe kiba nti wiiki musanvu zitegeeza emyaka ana mu mwenda, kiba kitegeeza wiiki emu yenkanankana emyaka musanvu. Nga omusanvu ogwo bw'ogukubisaamu emirundi musanvu ofuna ana mu mwenda. Ky'ekyo kyennyini. Kiikyo.

73 Kati n'olwekyo tekikyaliko kuteebereza. Kati tukimanyi nti buli wiiki yali etegeeza myaka musanvu. Mukifunye? Ka tukyogerere wamu ffenna nti: "Wiiki emu yenkanankana emyaka musanvu." Kati ekyo tutegedde nga tukifunye. Wiiki emu yenkanankana emyaka musanvu.

74 Tuli *wano* eno, wennyini, mu wiiki esooka. Emyaka ana mu mwenda okutuuka ku kuzzibwaawo kwa yeekaalu. Kati, omusittale guno oguli waggulu wano nga bwe gusalamu wano, gwoleka eggwanga ly'Abayudaaya. Kino kyonna kiseera. Ate bwe gukka wano wansi, guva mu kiseera ky'eggwanga ly'Abayudaaya, ne gudda mu kiseera ky'Ab'amawanga. Olwo ne guddayo waggulu nate ne gukwata Isiraeri, ne gweyongerayo.

75 Kati, Ab'amawanga tewali kiseera kyonna kye baagerekerwa. Wagamba bugambi nti, "Ekiseera ky'Ab'amawanga." Era tukiraba nti, ne Yesu talina kiseera kyonna kye yabagerekera. Kubanga tukiraba wano, mu Lukka

21:24, Yagamba nti, "Balirinnyirira ebisenge bya Yerusaalemi okutuusa ebiro by'Ab'amawanga lwe. . . " Ekyo leka nkinokole. Mbadde nkinokola nkijja mu mutwe. Naye leka nkisome, kubanga kijja kubeera ku lutambi wano, ate twagala tukakase nti tukiggyirayo ddala mu butuufu bwakyo. Kale, bwe muba mwagala okubikkulayo wamu nange, kiri mu njiri y'Omutukuvu Lukka 21:24. Kino nnakisoma ne nkyekenneenyereza ddala, nga bwe nsobola.

> *Balittibwa n'obwogi bw'ekitala, balinyagibwa okutwalibwa. . .*

B'ani b'Ayogerako? Abayudaaya. Okwo kwe kwali okusaanyizibwawo kwa yeekaalu, mu mwaka A.D. 70.

> *. . .era balinyagibwa okutwalibwa mu mawanga gonna. . .*

Kati mujjukire nti, tebalitwalibwa Babulooni yokka, tebalitwalibwa Rooma yokka, wabula balitwalibwa mu "mawanga gonna." We twogerera Abayudaaya eyo gye basaasaanira, "mu mawanga gonna."

> *. . .ne Yerusaalemi kirirrinnyirirwa ab'Amawanga okutuusa* ekiseera *ky'Ab'amawanga lwe kirituukirira.*

76 Ekyo kitegeeza nti, waliwo ekiseera ekigere, naye tewali muntu yenna amanyi ddi lwe kiribaawo. Mukiraba? Kyama, mukiraba, ekiseera ky'Ab'amawanga. Naye, Abayudaaya. . . Kati ekyo kitegeeza tetusobola kumanya biro mwe tuli nga tusinziira ku Kkanisa, oba Eddiridde oba Ekyagenda mu maaso, oba kyonna ky'Ekola. Tosobola kubimanya nga osinziira ku ebyo. Wabula, tunuulira Abayudaaya, abo ye kalenda eraga ebiro mwe tuli. Mukiraba? Katonda bo yabagerekera olunaku, n'essaawa, n'ekiseera byennyini, naye eri Ab'amawanga teyabibagerekera. Yabigerekera Bayudaaya, n'olwekyo leka twekkaanye Abayudaaya, lwe tunaalaba wa we tuli.

77 Kati, kati, wiiki omusanvu gyali emyaka ana mu mwenda. Kati tukitegeera bulungi, nti wiiki emu—wiiki emu gy'emyaka musanvu; wiiki emu, emyaka musanvu.

78 Kati tutegeezebwa nti, "Okuva ekiragiro lwe kyafuluma. . . " Kati, wano we wava omutawaana. Kati tutegeezebwa nti:

> *. . .kasooka ekiragiro kifuluma* okuzzaawo n'okuzimba Yerusaalemi okutuusa ku Masiya walibaawo (ate nga ddala, Masiya ye yali Kristo) *walibaawo sabbiiti musanvu, era walibaawo sabbiiti nkaaga mu bbiri:* (nga ezo zikola wiiki nkaaga mu mwenda). . .

Mukiraba? Kale. Ate musanvu bw'okubisaamu nkaaga mu mwenda ofuna emyaka ebikumi bina mu kinaana mu esatu. Kati, waliwo we mukiwandiika? Bwe muba mwagala nkibaddiremu, nja kusanyuka okukikola.

79 Kati tutegeezeddwa nti, "Okuva ekiragiro lwe kyafuluma eky'okuzzaawo n'okuzimba ekibuga, okutuuka ku Masiya, walibaawo musanvu," (omusanvu, ze zisooka—ze zisooka, wano wennyini) "wiiki musanvu, n'oluvannyuma wabeewo enkaaga mu ebbiri," nga ezo ziba ziweze, enkaaga mu ebbiri ne ziri omusanvu ze nkaaga mu omwenda, wiiki nkaaga mu mwenda. Omusanvu bw'okubisaamu nkaaga mu mwenda ofuna emyaka ebikumi bina mu kinaana mu esatu. N'olwekyo, okutuusa ku Masiya . . . Kati tugenda ku kitundu kino *wano*. Okutuusa ku Masiya, walina okubaawo emyaka ebikumi bina mu kinaana mu esatu, emyaka ebikumi bina mu kinaana mu esatu.

80 Kati, kati, Yesu, Masiya, yayingira ekibuga Yerusaalemi n'obuwanguzi, nga yeebagadde ennyumbu enjeru, ku lunaku lwa Ssande y'Amatabi, nga ennaku z'omwezi 2 omwezi gwa Apuli, omwaka ogwa A.D. 30. Yesu yayingira Yerusaalemi ku lunaku lwa Ssande y'Amatabi, mu mwaka A.D. 30. Era kati, kati, okuva mu mwaka gwa B.C. 445 okutuusa omwaka gwa A.D. 30, gy'emyaka bina mu nsanvu mu etaano.

81 Naye, nga bwe tumaze okulaba, tulabye nti wiiki enkaaga mu omwenda zikola emyaka ebikumi bina mu kinaana mu esatu. Kati, awo omutawaana we guva, awo wennyini. Mukiraba? Tulina, okusinziira ku Bayibuli wano nga bw'erambika, ekiseera, tulina emyaka ebikumi bina mu nsanvu mu etaano gyokka. Nga ate, eky'amazima, girina kuba emyaka ebikumi bina mu kinaana mu esatu, nga kubulako emyaka omunaana.

82 Kati, Katonda tasobola kukiganya butatuukirira. Bw'Aba yagamba nti ziriba ennaku bwe ziti, ennaku ezo zennyini bwe ziba. Bw'Agamba nti nnaku bwe ziti, bwe ziba. Kati tugenda kukola tutya? Kati, emyaka gino okuva mu mwaka B.C. 475 okutuusa omwaka ogwa A.D. 30, myaka egigoberera kalenda ya Julian manyanga myaka egigoberera ensengeka y'emunnyeenye, egirimu ennaku bisatu nkaaga mu ettaano n'ekitundu kimu kya kuna eky'olunaku mu—mu buli mwaka. Naye ennaku ezo bwe tuzizza mu kalenda yaffe ey'obunnabbi . . .

83 Kati leka nsooke nnyimirizeemukko wano wennyini. Mmwe okusobola okukitegeera awatali kubuusabuusa kwonna nti, ssaandyagadde kumala gakyesigamya awo wokka. Nsobola okukirambulula okuyita mu Byawandiikibwa byonna ne mbakakasa nti ennaku musanvu z'ezo omusanvu, wiiki emu erimu—erimu emyaka musanvu, mu Bayibuli. Nnakikoze wano eno, mu Kubikkulirwa essuula ey'e 13, manyanga ey'e 11 olunyiriri olw'o 3. Bannabbi abo baliragula okumala ennaku lukumi mu bibiri mu nkaaga, ekiribeerawo wakati mu wiiki y'Abayudaaya esembayo, oluvannyuma basalibweko olutalo lwa Kalu-Magedoni lutandike. Kitegeeza bwe kiba bwe kityo, kiikyo nate, ennaku asatu zennyini mu mwezi. Mukiraba? Awo, ziba—ziba tezikyali nnaku asatu mu lumu na nnaku abiri mu munaana,

n'endala bwe zityo. Awo ziba ziri ennaku asatu zennyini mu mwezi, buli kiseera.

84 Kalenda yaffe ey'obunnabbi etuwa ennaku bisatu mu nkaaga, nga ze tukozesa kaakano mu Byawandiikibwa. Tulina emyaka ebikumi bina mu kinaana mu esatu gyennyini. Kiikyo awo, ebikumi bina mu kinaana mu esatu. Kati wano tulina obukakafu bwennyini obw'obunnabbi, amazima gennyini. Kubanga, okuva mu kiseera eky'okugenda okuzimba yeekaalu, okutuusa lwe yasaanyizibwaawo, bwe baagaana Kristo ne bamutta mu mwaka gwa A.D. 33, Kristo lwe yattibwa, giba emyaka ebikumi bina mu kinaana mu esatu gyennyini.

Kati, okuva ekiragiro lwe kyafuluma okuzzaawo n'okuzimba Yerusaalemi, waagerekebwa okubaawo wiiki musanvu, ekyali kitegeeza emyaka ana mu mwenda. Era emyaka ana mu mwenda ddala gyatuukirira. Kati ate, okuva ku kuzzibwawo n'okuzimba kwa yeekaalu okutuuka ku Masiya, gyali emyaka ebikumi bina mu asatu mu munaana. N'olwekyo, ebikumi ebina ne-. . . emyaka ebikumi bina mu asatu mu ena. Nga ebikumi bina mu asatu mu ena (ekiseera), ne ana mu mwenda, bikola emyaka ebikumi bina mu kinaana mu esatu gyennyini. Gyatuukirira ddala, ku lunaku lwennyini, lunaku ku lunaku. Amiina! Kyekyo.

85 "Masiya Omulangira alijja." Mukiraba? Musanvu bw'okubisaamu emirundi nkaaga mu mwenda ofuna ebikumi bina mu asa-. . . mu—mu emyaka kinaana mu ena. Gyennyini, kyatuukirira ddala. Kati, n'olwekyo, tumanyi bulungi nnyo ddala, tumanyidde ddala, nti Ekyawandiikibwa ekyo kituufu. Kiikino wano. Naye, mulaba, bino byonna . . .

86 Mu kiseera kiri Katonda bwe yalina ensi eyaliwo nga amataba tegannabaawo, n'agizikiriza n'amazzi, ne kikyusa ennaku z'omwezi ezaabalirwanga ku nsengeka y'emmunyeenye; n'aganya Abaruumi ne bajja ne bakola kalenda eyaabwe, ekyukakyuka n'ennaku ez'ensuusuuba, n'ebirala. Era ndowooza, nti, ne mu kitabo ekinnyonnyola ebintu eby'enjawulo ekiyitibwa ensayikulopidiya mwe mbadde nsoma . . .

87 Ye, abaffe, Ow'oluganda Kenny Collins, mwali mu kizimbe amakya ga leero, Kenneth Collins? Ojjukira lwe wampeereza entuumu y'ebitabo biri ebinene ebya ensayikulopidiya? Okyakijjukira? Kyenkana wampeereza ka loole kalamba ak'ebitabo ebyo. Muli ne nneebuuza nti, "Mazima ddala nze atalina ky'amanyi ebyo byonna ŋŋenda kubikozesa ki?" Naye nno, Mukama ye yakuluŋŋamya, Kenny. Amakulu g'ekigambo "ekiseera" omwo mwe nnagajja, mu kitabo ekyo ekikadde ekiyitibwa ensayikulopidiya, era mbaddenga ngisoma nga ngyekenneenya. Ne Becky abikozesa ku ssomero gy'asomera. Mbirina nnabiteeka mu kasenge kange mwe nsomera, wansi eyo mu mpuku yange ku mwaliiro ogwa wansi. Kale twagendayo ne tukijjayo, ne tukinoonyaamu, okugira kuti nga tubiguddeko,

byennyininnyini, ebiraga ebyafaayo bya kalenda ezo zonna n'ebiseera ebyali bibaddewo. Mukiraba? Bwe tutyo, bwe twakifuna.

88 Nga kye kiikyo, emyaka ebikumi bina mu kinaana mu esatu gyennyini. Okuva ekiragiro lwe kyafuluma eky'okuzzaawo—okuzzaawo ekizimbe, okutuusa ekiseera Omulangira Masiya lwe yagaanibwa, waliwo emyaka ebikumi bina mu kinaana mu esatu, gyennyini, okusinziira ku kalenda.

89 Kati mukiraba, era kalenda eno y'emu gye tukozesa ne wano. Kubanga, Katonda bw'aba nga kalenda eno gye yakozesa wano, kitegeeza Ateekwa okugikozesa ne mu biseera ebisigadde byonna ebiri mu Bayibuli. Ssi bwe kiri? Katonda takyuka. N'olwekyo, wiiki omusanvu bwe giba nga gyali myaka ana mu mwenda, kitegeeza wiiki musanvu giri myaka ana mu mwenda. Wiiki emu erimu emyaka musanvu, mukiraba, kati awo kiba kiviirayo ddala bulungi. Era bwe kiba kyatuukirira ddala luli, n'era kijja kutuukirira ddala nate. Amiina! Ha, bannange! Ekyo kinsiikuula nzenna. Ha, nja—nja—njagala nnyo, njagala nnyo okuba nga mmanyi kye njogerako. Nkya—nkya—nkyagala nnyo.

Kubanga, kiringa omusajja omu omukadde bwe yaŋŋamba, emmanga eri mu Kentucky, yaŋŋamba nti, "Nnyumirwa nnyo okuwuliriza omuntu, nga by'ayogerako ddala abitegeera."

Ne mmugamba nti, "Nange, kinnyumira."

N'aŋŋamba nti, "Obwo bwe buzibu bwe mulina mwe ababuulizi, kye mwogerako temukimanyi."

90 "Weewaawo," ne ŋŋamba nti, "ekyo ky'oyogedde nkisiima, naye waliwo ebimu bye twogerako nga tubimanyi." Uh-huh. Ekyo ddala bwe kiri. Nkimanyi nti nnazaalibwa omulundi ogw'okubiri. Mmanyi nti nnava mu kufa ne nnyingira mu Bulamu. Mmanyi nti Katonda gyali, kubanga nnali njogeddeko naye.

Nfunye ku mukisa okuba nti Ayogeddeko okuyita mu nze, n'ayogera nange, n'ayogera n'eri abalala, n'ambuulira n'ebikwata ku balala. Era mmanyi nti Ye Katonda. Ddala bwe kiri. Lumu Yankola obulungi obutagambika bwe yakka n'anzikiriza okukubibwa naye ekifaananyi, ne bannassaayansi kye batayinza na kusambajja bukakafu bwakyo. Ne nkebera mu Byawandiikibwa ne nkiraba nga ddala kyali kya kutuukiriza mulembe gwa kkanisa guno, ebyo byennyini ebigenda mu maaso, nsobole okutegeera nti gwe tulimu. Amiina.

91 Kati, tuyinza obutaba bayivu. Tuyinza obutaba abeefuula okuba aba waggulu ennyo, n'ebiri nga ebyo. Tuyinza obutaba ba bitiibwa, naye tumanyi Katonda. Tumumanyi kubanga waliwo Omwoyo Omutukuvu, mulaba, era bikwatagana bulungi Kigambo-ku-Kigambo bw'obigeerageranya n'Ebyawandiikibwa, olwo ne tukitegeera nti bituufu. Tuli mu nnaku za luvannyuma.

92 Kati, awo, kaakati mujjukire, nti, omwaka guno ogw'obunnabbi, gubaamu ennaku ebikumi bisatu mu nkaaga mu mwaka. Mutunuulire ebintu ebirala byonna. Obutonde, bwe muba nga abamu ku mmwe musobola okukitegeera, n'eri abakazi, na buli kimu. Mukiraba? Asatu, ennaku amakumi asatu, mmwe mukirabe ki—ki . . . Obutonde bwonna bwe butyo bwe bwakolebwa. Mukiraba? Tezibeera nnaku asatu mu lumu, ate oluddako asatu, ate olulala abiri mu munaana, oba endala bwe zityo. Zibeera nnaku asatu zennyini. Mu buli mwaka, eyo ye kalenda ey'obunnabbi, z'ennaku ebikumi bina mu kinaana mu ssatu zennyini.

93 Kati wano tulina obukakafu ddala bwennyini obw'obunnabbi, emyaka ebikumi bina mu—mu ana mu etaano, egy'emabega, gyatuukiririra ddala nga bwe gyalagulwa. Kati, ebyo byonna ebyalagulwa okutuukirira. Wamu ne wiiki ezo ensanvu byonna tebyatuukirira mu kiseera kiri, kitegeeza birina kutuukirira kaakano mu nnaku ez'oluvannyuma.

94 Kaakati, baganda bange Abapentekoote, kaakati, baganda bange ab'enzikiriza y'Abajulirwa ba Yakuwa, mukitegeera? Kati mutegeera emitwalo ekkumi n'ena mu enkumi ennya we baalabikira? Kati mutegeera wa ebyamagero byonna eby'ekitalo eby'omu Kubikkulirwa we birabikira? Birabikira eri mu mulembe gw'Abayudaaya, ssi mu gwaffe. Mu gwaffe tebirina we byawandiikibwako, mulimu bikwata ku Kkanisa kweteekateeka na kugenda byokka. Weewaawo, nga tulina amaanyi ga Katonda, tukola ebyamagero n'eby'obuzira. Ekyo tukimanyi. Naye ekintu kyennyini ekyannamaddala kyali ludda wano eno mu Bayudaaya; ntegeeza, amaanyi ddala gennyini, agakola, agakola ebyamagero. Ena . . .

95 Emitwalo ekkumi n'ena mu enkumi ennya awo si we balabikira. Bali eri mu . . . Tebalabikira mu ssuula ya ku 3. Bali mu Byawandiikibwa, mu maaso eri. Era kati tukiraba nti ebintu bino byonna ebyalina okubaawo, byonna byali bya kubeerawo ludda eno mu kiseera kino ekya wiiki ey'ensanvu, wiiki esembayo. Kati bwe baba wiiki enkaaga mu mwenda baazifuna dda era ne baziyitamu mu ngeri yennyini ddala nga Katonda bwe yagamba bwe baakola, era ne kituukirira ddala nga Katonda bwe yayogera nti bwe kirituukirira, kati kitegeeza waba wasigaddeyo wiiki endala emu eyasuubizibwa eri Abayudaaya. Kaakano, ab'oluganda, mwetegeke bwetegesi. Mukiraba? Mukiraba? Muwulirize butya bwe tusemberedde ddala. Wiiki esembayo, ey'omusanvu, omwaka ogw'omusanvu.

96 Kati, buli muntu ebyo bye twakannyonnyola abitegedde bulungi okutuuka wano we tuli, bwe muba mubitegeera? Buli muntu ebyo byonna bye twakannyonnyola abitegedde bulungi, nti ago ge Mazima ddala gennyini. Ye Bayibuli. Egyo gy'emyaka egy'obunnabbi.

97 Kati tweyongerayo mu maaso, ne tubalaba wano we baagaanira Masiya, mukiraba, okuva ku. . . okutuuka we baagaanira Masiya, mu wiiki esembayo.

98 Kati, wano njagala nsimbewo akati wano wennyini kino nkinnyonnyole. Nti, we baagaanira Masiya, kye kiseera, weewaawo, we baagaanira Yesu nti si ye Mulokozi, ne bamukomerera. Mujjukire erudda wano Bayibuli kye yagambye nti, "Era Alisalibwako, naye ssi ku lulwe Ye, Masiya, Omulangira." Kati mulowooze ku ngeri obunnabbi obwo bwe bwatuukirira ddala nga bwe bwalagulwa. Kino njagala nkibannyikizeemu. Nti, obunnabbi obwo bwe buba bwatuukirira ddala ku lunaku lwennyini, mu kiseera kyennyini, era mu ngeri yennyini gye bwalagulwa nti bwe buliba, n'eno endala ey'omusanvu, ne wiiki eno emu ey'omusanvu esigaddeyo, manya, emyaka omusanvu egy'awamu, (ennaku musanvu: nga gy'emyaka omusanvu), nagyo gijja kutuukiririra ddala nga bwe gyalagulwa okusinziira ku Byawandiikibwa.

99 Kati mujjukire nti, Masiya, Yasalibwako. Abayudaaya, Katonda n'alekera awo okukolagana nabo. Awo tebaasukkawo. Oluvannyuma ne basaasaanyizibwa Obwakabaka bwa Rooma. Era, kati, bwe mwetegereza ku kipande kyange wano, kati njagala mukifune era mukikube. Mulaba wano we nnatadde omusaalaba? Weewo we baamugaanira. Naye ebiseera byeyongerayokko katono nga ekyo kimaze okubaawo, mulaba. Lwaki? Asatu, ana, ataano, nkaaga, nsanvu. Nga wayise emyaka ana nga ekyo kimaze okubaawo, Tito, omuduumizi w'eggye ly'Abaruumi, yazikiriza Isiraeri, Yerusaalemi, abantu n'abasaasaanya ne babuna ensi yonna. Mulaba, Tito, nga wamaze okuyitawo emyaka ana nga kiri kimaze okubaawo. N'olwekyo, eky'amazima, ekiseera ky'Abayudaaya kyeyongerayo mu maaso okutuusa ku bujjuvu. . .

100 Katonda yali takyakolagana nabo. Yakolagana nabo mu kiseera kiri okutuusa lwe baagaana Kristo. Era bwe baakomerera Kristo, ne balangirira nti, "Omusaayi Gwe leka gubeere ku ffe ne ku baana baffe," era bwe kityo bwe kibadde okuva mu kiseera ekyo. Naye bwe baali tebannasaasaana. . . Muwulirize! O, ow'oluganda! Bwe baali tebannasaasaana kubuna nsi yonna, Katonda kyamutwalira kyenkana emyaka amakumi ana okumenyaamenya yeekaalu n'okubasaasaanya mu nsi yonna. Naye Katonda yalemelerwa okuddamu okukolagana nabo. Katonda yalemererwa okuddamu okukolagana nabo.

Yagenda n'atandika kukolagana na B'amawanga. Ekyo mukimanyi, kati mukitegeera? Kati, wano we tutandikira emirembe gy'ekkanisa, ekiseera ky'Ab'amawanga, nga Katonda avudde mu Bayudaaya.

101 Kati, muganda wange omuminsani, eyali a—a—agenda eri Abayudaaya, ow'oluganda omwagalwa alina w'atudde munda

wano. Kino kye njagala ofune era otegeere. Olaba, Katonda yalekera awo okukolagana n'Abayudaaya mu kiseera ekyo kyennyini, kubanga Katonda bulijjo Isiraeri akolagana nabo nga eggwanga. Ekyo ffenna tukimanyi nti Isiraeri ggwanga. Ab'amawanga bo bantu buntu, kale Yalina okubaako abantu b'aggya mu B'amawanga, ku lw'Erinnya Lye. Ekyo tujja kukituukako mu ddakiika ntono.

102 Naye kati, mu mirembe omusanvu gino egy'ekkanisa gye tuyiseemu, mu kiseera ky'Ab'amawanga, okuva ku kukomererwa kwa Kristo okutuuka ku nkomerero y'emirembe gy'ekkanisa. Kati egyo twagiraba. Twagiyitamu, ne tuginnyonnyola gyonna gyonna. Era kati twolekedde we tusobolera okukwata ku kino, tuyingire mu Bubonero Omusanvu, Ebibya Omusanvu, Amakondeere Omusanvu, n'ebyo byonna, byonna tubinnyonnyole tubikwataganye wamu; nga byonna bikwata ku Bayudaaya, tulabe n'omusango gwa Katonda eri abantu abatuula ku nsi. Kati ate abo abasigalawo . . .

103 Mujjukire nti, mu kiseera kino ekizibu ennyo eky'okuyigganyizibwa, waliwo obukadde n'obukadde bw'Ab'amawanga abalikifiiramu. Nga ye mugole oyo eyagaanibwa, e—eyasigalawo ku zzadde ly'omukazi, embeerera enneebafu, y'aliyita mu kiseera ekyo. Ekyo—ekyo kyeyoleka bulungi nga wiiki zino ensanvu; kyeyoleka bulungi. Era ekiseera ekyo balikiyitamu. N'olwekyo, bw'oba tofunanga Mwoyo Mutukuvu, mufune mangu nnyo ddala nga bw'osobola. Tuli mu kiseera kya nkomerero.

104 Kati mwetegereze, emirembe omusanvu egy'ekkanisa. Kati, sigenda kugiyitamu, kubanga tugirina gyakwatibwa ku ntambi era giri mu kukubibwa mu bitabo n'ebintu ebirala eby'enjawulo. Nti, ekyo ky'ekiseera Katonda ky'ataagerekera bbanga kugamba nti kiriba kya nnaku bwe ziti, oba ssaawa bwe ziti, oba emyaka bwe giti; Teyakyogerako kintu kyonna. Yagamba bugambi nti, "Okutuusa nga ekiseera ky'ebiro by'Ab'amawanga kiweddeko." Yagamba nti, "Okutuusa!" Bbugwe alirinnyirirwa okutuusa Katonda lw'alirekera awo okukolagana n'Ab'amawanga.

105 Kati, twakiraba nti, okuyita mu mirembe gino, twalaba nti Omwoyo Omutukuvu yajja. Era nga Katonda, emabega eri mu kutandika, yatandikirawo okutegeeza, mu kiseera Kristo mwe yagaanibwa, Katonda yalaga Yokaana ekyo kyennyini ekyali kigenda okubaawo mu biseera by'obufuzi bw'Ab'amawanga. Kati, mukiraba, ffe tetulina kiseera kiriko kkomo kitugereddwa, nga Abayudaaya, naye tulina akabonero. Tulina eki—tulina ekipande ekiriko endagiriro. Kati, Katonda yakolagana n'Abayudaaya mu ngeri yennyini gye Yagamba gye Yali ow'okukolaganamu nabo mu myaka egyo enkaaga mu omwenda, manya, gyali emyaka ebikumi bina mu kinaana mu esatu, naye wiiki ze zaali enkaaga mu omwenda. Era waasigalayo wiiki emu, wiiki emu y'ebulayo okutuukirizibwa.

106 Kati, tetusobola kugiteeka munda *wano*, kubanga bano wano B'amawanga, ye Kkanisa. Kati, ekyo bameka abakitegeera? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Kati, bino bye biri mu Kubikkulirwa, okutandikira ku ssuula 1, okutuuka ku ssuula ey'oku 3 era bye bitutuusiza ddala mu mulembe gwa Lawodiikiya. Kati, tukiraba bulungi nti kyonna kyonna kyali kyoleka Kkanisa, Ekkanisa yonna okutwaliza awamu nga bwe yajja etambula. Katonda omwonoonyi teyamussaamu, yalina ku . . . okuggyako nga ayagala okulokoka. Naye, ekitundu ekyoleka Ekkanisa kyonna kyonna kyali kyeru; awo oluvannyuma ne wajja Abanikolayiti abaayagala okugunjaawo ekibiina. Awo n'eyingirwamu abakungu. Ekyo kyabaawo mu Nikyeya, e Rooma, we baakolera Akakiiko k'e Nikyeya. Era kiki kye baakola? Baddira ekkanisa ne bagitambuliza ku nkola ey'obuntu, ne batandika okuyigganya Abakristaayo. Kati, mu mulembe gw'ekkanisa ogwaddako, kyenkana, Obukristaayo, obwesigamiziddwa ku kubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, bwonna bwasanyizibwawo.

107 Naye era, bantu mmwe mukimanyi, nti nnaddayo ne nfuna ebyafaayo, mu bitabo ekya *Nicene Fathers*, ne *Pre-Nicene Fathers*, n'ebyafaayo by'ekkanisa byonna, n'ebiwandiiko ebisingayo obukadde bye nnali nnasobola okufuna, era buli kimu ku byo kyabakakasa nti Ekkanisa Katonda gye yali ayogerako teyali ekereziya Katolika eyo eyagunjibwawo yadde okuba ekibiina ekirala kyonna ekyagunjibwawo. Katonda kye yali ayogerako, wamu n'emmunyeenye ezo zonna ez'amaanyi ez'emirembe egyo, baali basajja abaayigirizanga okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, okubatizibwa mu Linnya lya Yesu Kristo, n'okujja kw'Omwoyo wa Katonda ne—n'okwogera ennimi, n'okuvvuunula ennimi, n'okuwonyezebwa, n'ebyamagero, n'obubonero. Ekyo Katonda ye ky'amanyi. Tasobola kukyusa ndowooza Ye, kugamba nti, "Kati, eno y'ebadde endowooza Yange ku Kkanisa, nti Ekkanisa erina kuba nga ey'Abatume; naye kati endowooza Yange eri bweti nti erina kuba kkanisa ya bikonge eby'amaanyi." Katonda takyuka! Akyali Mwoyo Mutukuvu.

108 Era twakiraba n'okukinnyonnyola ne tukinnyonnyola, kati, bwe tulaba enkula ya Katonda ne by'A . . . bwe twamala ne tuggyayo Ebyawandiikibwa Bye. Ne tuva awo ne tukwata e—ebyafaayo ebiraga nga byonna bwe byatuukirizibwa ddala nga bwe byayogerwa; ku lunaku lwennyini, mu kiseera kyennyini, ku buli kintu Katonda kye yayogera okuyita mu Yokaana, nti kyali kya kutuukirira, byonna byatuukirira mu mulembe gw'Ab'amawanga ogwo.

109 Kati, tukizuula nti, awatali kubuusabuusa kwonna, tuli mu Mulembe gwa Lawodiikiya. Ekyo tukimanyi nti mwe tuli. Omulembe gwa Luther twaguyitamu; omulembe gwa Wesley ne tuguyitamu; kaakano tuli mu Mulembe gwa

Lawodiikiya, omulembe ogusembayo. Era twakiraba nti buli emu ku kkanisa ezo yalina omubaka. Ekyo twakiraba. Emmunyeenye omusanvu mu mukono Gwe, nga gye Myoyo Omusanvu egyavanga mu kubeerawo kwa Katonda. Buli emu yalina omubaka. Era twabakana n'ogw'okunoonyereza, nga tweyambisa Bayibuli, enkula y'omubaka oyo bwe yalinanga okuba, enkula y'omubaka oyo bwe yalina okuba. Era twazuulanga omusajja oyo mu byafaayo eyalina enkula bw'etyo. Era omusajja oyo bwe twamuzuulanga mu byafaayo, eyabanga n'enkula eyo, twakizuulanga nti ye yabeeranga omubaka ow'omulembe ogwo. Oluvannyuma ne twekenneenya okulaba ekika ky'Omwoyo ogwamuliko, na biki omusajja oyo bye yakola. Era twakizuula nti yabanga mutukuvu eyajjula Omwoyo Omutukuvu, Omutukuvu Irenaeus, n'abalala abo bonna, ne—n'Omutukuvu Columba, n'abasajja abo bonna abaali bajjula Omwoyo. Era tukimanyi, okuyita mu Byawandiikibwa nti, Omwoyo ogw'ekika ekyo gwe gwalina okuba ku musajja nga oyo mu kiseera ekyo kyennyini. Nga ddala bwe kiri, n'olwekyo tekiyinza kuba nti kikyamu. Amiina! Ekitiibwa kibe eri Katonda! Ekyo ki . . .

110 Simanyi, ow'oluganda. Naye ekyo kinkwatako nnyo okusinga ekintu ekirala kyonna kye mmanyi, olaba, kubanga Kigambo kya Katonda Kyennyini kye kyogera. Bwe mpulira Katonda nga aliko ky'ayogera, ŋŋamba bugambi nti, "Amiina! Ekyo kituufu. Ddala bwe kiri." Mulaba? Ekyo kimala. Kiba kiwedde. "Katonda bw'atyo bwe yagamba." Ekyo, ekyo kimala.

Kati, Katonda yagamba nti ekyo bwe kityo bwe kyalina okuba, era twakizuula mu byafaayo n'okuyita mu Byawandiikibwa. Twasomanga ebikwata ku mulembe gw'ekkanisa guno, kye gwalina okukola, na biki ebyalina okugubaamu, na mubaka wa ngeri ki eyalina okuba ow'omulembe gw'ekkanisa ogwo. "Eri—eri malayika ow'ekkanisa y'omu Lawodiikiya. Eri malayika ow'ekkanisa y'omu Saadi, Suwatira," n'endala ez'enjawulo. Ne tuva awo ne tunoonyereza mu byafaayo okuzuula eyali o—omubaka w'ekkanisa eyo, era ne tumuzuula. Bwe twamala ne tukuba ekifaananyi ekyoleka ekkanisa ezo zonna awamu, n'amannya g'ababaka abo ne tugawandiika wansi wa buli emu, era baabo awo. Mulaba, tumanyi bulungi ddala nti kyatuukirira ddala nga bwe kyayogerwa.

111 Kaakati, era tukimanyi nti Katonda okuva, edda n'edda lyonna, na buli kati, abaddenga awakanya eddiini eyagunjibwa abantu. Yee, ssebo. Yakyogera. "Obunikolayiti, bwe Nkyawa!" *Nickao* kitegeeza "okuwamba abakulemberwa." *Abakulemberwa*, abo abakulemberwa ye, "kkanisa, omubiri." *Nickao* kitegeeza "okuwamba, okufufuggaza," amakulu nti "okufuula omusajja omu omutukuvu, kati oyo n'aba nga y'afuga munne."

Ffenna tuli baana. Tulina Kabaka omu, ye Katonda. Omutukuvu tulina Omu yekka, ye Katonda. Amiina! Era Ali mu makkati gaffe, mu nkula ey'Omwoyo Omutukuvu. Oyo ye Mutukuvu yekka.

112 Kati, byonna tuzze tubiyitamu okutuusa lwe tukakasirizza ddala nti okuyita mu mulembe gwa—gw'Abayudaaya twabala wiiki ezo enkaaga mu omwenda nga zituukiririra ddala nga bwe zaalina okuba, okusinziira ku byafaayo, okusinziira ku kalenda, okusinziira ku mwaka gwa Katonda ogw'obunnabbi, nga tuggyayo ebyafaayo bya kalenda ey'obunnabbi, okuva mu Ndagaano Enkadde ne tubigeeraageranya n'Empya, ne tulaga nti ddala bye bimu. Mukiraba?

Kati tulabye n'ekkanisa y'Ab'amawanga okuva lwe yatandika, okutuukira ddala mu kiseera eky'enkomerero, era tukimanyi nti tuli mu kiseera kya nkomerero. Amiina! Mukitegeera? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Kaakati, kati, bwe kiba nga ekiseera kino kye tulimu ky'ekisembayo, ku nkomerero y'omulembe guno, kati tuli wa wennyini?

113 Mwetegereze, erudda wano eno, mulaba omusittale guno ogusaziddwa erudda *wano* eno, Katonda we yakolaganira n'Abayudaaya . . . Manya, w'ataakolaganira na Bayudaaya, kyamutwalira ebbanga ddene nnyo okuddamu okukolagana nabo. Kyamutwalira emyaka amakumi ana okubatuusa mu mbeera mwe Yasobolera okubaleetera okuzikirizibwa, mu mawanga gonna. Ne baasaasaanira buli wamu, mu biro by'Ab'amawanga, Yalina okusooka okubaako embeera mw'abateeka nga Tannaleetera Kigambo Kye kutuukirira. Mulaba kye ntegeeza? Mwenna abakitegedde muddeemu nti, "Amiina!" [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Mulaba, njagala nkakase nti mukitegeera.

114 Kati kiki ekibaddewo? Mutunule erudda wano waggulu w'omulembe gw'ekkanisa guno ogusembayo. Mulaba akatundu kano akongeddwako? Ennaku z'Ab'amawanga ziri mu kuggwaako. Era okumala emyaka ana egiyise, Abayudaaya babadde baddayo e Yerusaalemi, nga baddayo mu nsi yaabwe. Aleruuya! Mulaba we tuli? Waayitawo emyaka amakumi ana, okuva Masiya lwe yasalibwako, okutuusa Tito lwe yazikiriza yeekaalu n'asaasaanya Abayudaaya. Era wayiseewo emyaka emirala amakumi ana Katonda mw'akakanyalizza emitima gya Bafalaawo aba buli ngeri buli wamu wonna, okusobola okuwaliriza Abayudaaya okuddayo mu nsi yaabwe. Naye leero gyebali baddayo mu nsi yaabwe, bw'etyo n'Ekkanisa nayo eri ku nkomerero. Amiina! Ha, ngeza—ngeza—ngezaako okusoma; naye ssisobola.

115 Mwetegereze, Abayudaaya bali mu nsi yaabwe, era babadde bakuluumulukuka nga baddayo. Bw'oba osobola okufuna

ekitabo ekiyitibwa *Decline Of the World's War* omuzingo ogw'okubiri, ekyogera ku Genero Allenby, nga Ssematalo Eyasooka awedde, bwe yabuusa ennyonyi ne zijjula obwengula bwa Yerusaalemi n'akiwamba, n'awamba Yerusaalemi. Abasajja abo Abakristaayo ne bakumba okuyingira Yerusaalemi nga baggyeeko enkoofiira zaabwe. Ne Allenby ne yeewaayo n'awanika awatali kukuba ssasi lyonna, manya—manya, ne bawanika ne beewaayo eri Allenby, Abatuluuki. Era okuva mu kiseera ekyo, Katonda n'atandika okukakanyaza omutima gwa Mussolini, n'omutima gwa Hitler, n'omutima gwa Stalin, emitima gy'abasajja mu nsi yonna, ne bakyawa Abayudaaya abo.

116 N'ennyonyi ennene ezaagendayo, eziyitibwa eza Eastern Airlines, manya, Pan American Airlines, oba, kyonna kye baziyita, nzikiriza baaziyita TWA, zaawandiikibwako mu—mu magaziini, eyitibwa *Life* magaziini, nzikiriza mwe kyali, kyali mu magaziini eyitibwa *Look* oba eyitibwa *Life*, nzikiriza kyali mu eyo eyitibwa *Life*, emyaka esatu oba ena egyakayita, era Katonda abadde azzaayo Abayudaaya mu nsi yaabwe, mwe baawaŋŋangusibwa okuva okumala emyaka enkumi bbiri, nga Ab'amawanga beeteekateeka. Era kati Ab'amawanga Kristo bamugobedde ebweru w'ekkanisa, okusinziira ku Kubikkulirwa esuula ey'oku 3. Takyasobola na kudda mu kkanisa Ye. Takyalinayo kifo. Agaaniddwa.

117 Era kiseera kya Kukwakkulibwa. Abanunule bonna okuva *muno* mwonna, buno obutonnyeze bwe buti, bulaga kusitulibwa kw'abatukuvu mu kuzuukira. Mulaba, ffenna tusisinkanira wamu *wano* eno. Bayibuli egamba nti, "Ffe abaliba abalamu era abaliba bakyaliwo okujja kwa Mukama waffe we kulibeererawo tetuliziyiza oba okulemesa bali abeebaka." Okuviira ddala *muno*, *muno*, na *muno*.

118 Oyinza otya, ow'oluganda Omupentekoote, abo bonna bonna oyinza otya okubateeka wano eno mu Mulembe gw'Ekkanisa ya Lawodiikiya?

Be—beebaka, okuyita mu buli gumu ku mirembe gino gyonna, kati balindiridde. "Era ffe abalamu, akabinja akatono ak'abo abasigalawo erudda wano eno, abasigala nga balamu okutuusa . . . Ku kujja kwa Mukama waffe tetuliziyiza bali abeebaka; kubanga ekkondeere lya Katonda lirivuga, era abo abaafiira mu Kristo be balisooka okuzuukira; olwo naffe tulyoke tusitulibwe tubeegatteko," amiina, "tubeegatteko," tuutuno *wano* eno, tusisinkanira *wano* eno, "tulyoke tugende okusisinkana Mukama waffe mu bbanga." Kati kiikyo. Kati tuli wa? Tuli *wano* eno wennyini. Masiya ddi lwe yasalibwako? Yasalibwako mu kiseera kyennyini Ekigambo kye Kyagamba. Wiiki eyo ey'ensanvu eritandika ddi? Eritandika mu kiseera kyennyini ddala nga Ekkanisa eno esaliddwaako. Olwo Katonda alyoke addeyo eri Abayudaaya.

119 Temujjukira? Ekyo kibaawo amangu ddala nga Ekkanisa yaakagenda. Ekkanisa emala kugenda, olwo Abayudaaya ne batandikira awo, ne bayingizibwawo. Naye, okusooka, ekintu ekiddako okusinziira ku bwe birina okugoberegana, tekuliba kudda buggya okw'amaanyi okubuna ensi—ensi yonna mu B'amawanga. Ekintu ekiddako mu nsengeka y'ebintu nga bwe bigoberegana, kwe kujja kw'Obwakabaka bwa Katonda, Okujja kwa Kristo.

120 Kati, bwe muba mwagala, tusobola okuddayo emabega kaakano mu Danyeri essuula ey'o 2, olunyiriri olw'a 34 n'olunyiriri olw'a 35. Era Danyeri bwe yaweebwa . . . essuula ey'o 2, olunyiriri olwa 34 n'olw'a 35, Danyeri bwe yaweebwa okwolesebwa okwali kulaga nti ennaku z'abantu be zaali ziweddeyo, era nga za kaseera akagere, n'alaba n'Ab'amawanga nga bayingizibwawo, n'alaba n'okwolesebwa kw'ejjinja lino eddene, manya, okw'ekifaananyi kino ekinene eky'amaanyi, ekyalina omutwe ogwa zaabu, n'ekifuba ekya ffeeza (Kati mwekkaanye, kigenda kyeyongera obugumu, okuva ku ffeeza okudda ku zaabu.) ne kuddako ebisambi eby'ekyuma, manya, ebisambi eby'ekikomo, n'obugere obw'ekyuma n'amagulu, naye obugere, bwali obugere kkumi, naye nga obugere obwo bwali bwa kyuma awamu n'ebbumba, n'agamba nti, "Nga bw'olabye nti ekyuma tekisobola kwetabula na bbumba, n'obwakabaka buno buliba bweyawuddemu nga buli bumu buli ku bwabwo era tebulisobola kwetabula wamu, wabula bulitabula wamu ensigo zaabwo, nga bugezaako buli bumu okumenya amaanyi ga bunnaabwo." Mukiraba?

121 Kati, ekyabaawo, omutwe ogwa zaabu yali Nebukadduneeza, okusinziira ku kye yavvuunula. N'agamba nti, "Oliddirirwa kabaka omulala gw'oliba osinga," nga ye yali Daliyo, ow'Abameedi-n'Abaperusi, obwawamba obwakabaka bw'Ab'amawanga. Abameedi-n'Abaperusi, bwe baavaawo, b'ani abaddawo? Waddawo Bayonaani, Alexander Omuzira, n'abalala; obwakabaka obwo ne buwambibwa Abayonaani. Ate b'ani abaabuggya ku Bayonaani? Abaruumi. Era b'ani ababadde bafuga Ab'amawanga okuva mu kiseera ekyo? Baruumi! Baruumi, kati, abo be baali ekyuma.

122 Kati mwetegereze, nti Rooma ebeerawo okutuukira ddala ku nkomerero, kubanga yagendera ddala okutuuka ku bugere gye bukoma. Era yalaba ettosi, ebbumba; nga abo be bantu, mu eryo mwe twakolebwa. Ate ekyuma, amaanyi ge Rooma, gabuna mu buli limu ku mawanga ago. Era Rooma erina obuyinza mu buli ggwanga wansi w'Eggulu.

123 Waliwo omusajja omu mu nsi yonna asobola okuyimiriza olutalo oba okutandikawo olutalo, awatali . . . nga ayogedde ekigambo kimu bwe kiti. Era oyo ye ppaapa. Watya ssinga agamba nti, "Tewaba Omukatuliki yenna akwata eky'okulwanyisa." Ekyo kyokka kiba kimala, ow'oluganda, ne

bw'oyogera byonna by'oyagala okwogera. Ekitundu ekisinga obunene mu nsi mu bakkiririza mu Kristo, kya Bakatuliki beereere. Okiraba? Kale kati. Leka ayogere ekigambo kimu kyokka, bwe kijja okuba.

124 Era nga bwe baayogera wano nti, "Ani . . ." Tujja kukikwatako oluvannyuma. "Ani ayinza okulwana n'ensolo? Ani ayinza okwogera nga yo? Ani asobola okukikola? Kale nno, leka tukolere ensolo ekifaananyi." Ogwo gwe mukago gw'amakanisa, "tugikolere ekifaananyi ekigifaanana." Mukiraba? Okugatta awamu eddiini zonna, era ekyo baamala dda okukikola. O, ddala tuli ku nkomerero. Ekyo kyo bwe kiri, mukwano gwange. Tuli wano ku nkomerero. Okiraba? "Leka tukolere ensolo ekifaananyi," ekintu ekigifaanana. Ekifaananyi ky'ekintu kiba kintu ekikifaananira ddala. Mukiraba? Kaakano tuli mu kiseera kya nkomerero.

125 Kaakati, mwekkaanye erudda wano eno, ku nkomerero y'omulembe guno. Kati, Danyeri, mu ssuula ey'oku 2, olunyiriri—olunyiriri olwa 34 n'olwa 35, yeekaliriza ekifaananyi kino. Era yakyekaliriza okutuusa Ejjinja bwe lyatemebwa okuva mu lusozi, nga teryatemebwa na ngalo, ne Liyiringita ne likuba ekifaananyi ku bigere, ne likibetenta. Kati, teryakikuba ku mutwe, kati. Lyakikuba ku bigere; nga kye kiseera eky'enkomerero, obugere obwo ekkumi.

126 Mwali mukyetegerezza, nti jjuuzi wano, ekisanja kya Mw. Eisenhower bwe kyali tekinnaggwaako, eyasembayo okuva mu nzikiriza eziwakanya Obukatuliki owa . . . ow'Amerika, nga—nga Pulezidenti, kubanga mbuusabuusa oba nga walibaayo omulala yenna. Naye—naye bwe . . . ekyo njagadde kukibalaga bulazi, abantu basobole okuzuukuka. Bwe yasisinkana, waaliyo . . . Mu nsisinkano ye eyasembayo (mwe baali) gye yasisinkaniramu owa Russia, mwalimu amawanga ataano agava mu mawanga ag'omu Buvanjuba agakkiririza mu nkola y'obwannaakaly'ak'ani agaakiikirirwa, n'amawanga ataano okuva mu Bugwanjuba. Mw. Khrushchev ye yali akulembeddemu abaava mu mawanga g'omu Buvanjuba. Mw. Eisenhower ye yakulemberamu abaava mu mawanga ag'omu Bugwanjuba. Kati Khrushchev, nga bwe nkitegeera era nga bwe nnategeezebwaako, mu lulimi Olulasha, *Khrushchev* litegeeza "ebbumba." Ate *Eisenhower* litegeeza "kyuma," mu Lungereza. Kati nno ekyuma n'ebbumba biibyo, tebisobola kwetabula. Era yayambulamu engatto ye n'agikuba ku katuuti we baali, n'ebirala bye yakola. Tebisobola kwetabula.

127 Naye kyali mu nnaku za bwakabaka buno Olwazi, Ejjinja mwe lyatemebwa okuva mu lusozi, awataali ngalo, ne likuba ekifaananyi ku bigere. Kati, "Lyatemebwa kuva mu lusozi." Luteekwa okuba lwali lusozi lwa mayinja. Lyatemebwa kuva mu lusozi lwa mayinja. Kati, mukyekkaanyizza?

128 Kati, baganda bange abaweereza, ne baganda bange ne bannyinaze, mu nsi yonna. Okusinziira nga bwe mmanyi, Bayibuli eyasooka okuwandiikibwa, Katonda yagiwandiika mu bwengula, kubanga baalina okutunula waggulu ne balaba nti waliyo a—ayitibwa Katonda mu Ggulu, era nti Katonda ali waggulu waabwe. Era bwe weetegereza mu zodiac... Kati tewabaawo n'omu ku mmwe agenda...Munywerere ku Bayibuli eno wano. Mukiraba? Naye, mu—mu zodiac, etandika n'ekisooka mu zodiac, nga bwe mmanyi, etandika na mbeerera; ate ekisembayo mu zodiac ye Leo Empologoma. Ebyo nga kwe Kujja kwa Kristo okwasooka, nga ayita mu mbeerera; ate Okujja okw'okubiri, y'Empologoma ey'ekika kya Yuda. Mukiraba? Ate awo ne tuba n'omulembe gwa kkookolo, ne, n'ebirala eby'enjawulo, okuyita mu zodiac eyo.

129 Kati, tukizuula nti waaliwo endala eyawandiikibwa, manyanga endala eyassibwawo, nga ze zi piramiidi. Piramiidi ezo mwali muzeetegerezza, engeri gye zaazimbibwamu, nga ziva wansi nga ngazi okuva ku ntobo, nga olusozi, era nga zaazimbibwa mu lwazi olugumu ennyo, ne zigenda nga zambuka bwe zifunda waggulu okutuuka ku ntikko? Naye tewaaliwo kitikkira kyateekebwa ku piramiidi, piramiidi eyo ennene eri mu Misiri. Jjayo...Bw'oba olina akapapula ka ddoola emu mu nsawo yo, jjayo akapapula ka ddoola emu okeetegereze. Ojja kukiraba nti ku ludda luno olumu kuliko akabonero k'envumbo ya Amerika, ate ku ludda luli olulala, wansi, waliwo piramiidi. Ate waggulu wa piramiidi, waliwo ejjinja eritikkira, wabula nga liiso eddene. N'ebigambo ebiwandiikiddwa, ku ntobo ya piramiidi eno nti, "Akabonero akakulu." Lwaki empungu y'Amerika si gye bassaako nga akabonero ako akakulu? Eyo piramiidi kabonero ka Katonda. Mujjukira, waliwo akayimba ke twateranga okuyimba akagamba nti:

> Mu lugendo lwo lwonna nga ogenda
> mu kifo ekirimu ekiwummulo ekituufu
> eky'emmeeme yo,
> Waliwo Eriiso erikulaba;
> Buli kigere ky'ositula, Eriiso lino ekkulu liba
> liraba,
> Waliwo Eriiso erikulaba.

Ekyo kituufu. Mujjukira, bwe twabeeranga ne—n'akaseera ak'okujaganya? Twayimbanga tugamba nti:

> Ssinga obba n'okumpanya oba n'olimba, ate
> n'ogenda mu kkanisa n'owa obujulizi,
> Waliwo Eriiso erikulaba.

130 Kati, akabonero akakulu. Kati, tubimanyi, nze eby'ebipimo bya piramiidi, sibitegeera bulungi. Naye mbaddenga mbagamba okuva emabega yonna, mu kumu ku kuyigiriza kuno okubadde

kubuulirwa, musobole okukiraba nti byonna bikwatagana, wamu.

131 Kati, piramiidi etandika, eyoleka ekifaananyi ky'Ekkanisa, nga ngazi nnyo wansi ku ntobo. Kati bw'egenda yeeyongera waggulu ku ntikko, etandika okufaananamu nga—nga olusoggo.

132 Kati, tukiraba nti, eyambuka n'etuukira ddala waggulu ku nsongezo y'entikko, naye tebaagimaliriza. Lwaki? Lwaki? Nneewuunya lwaki! Kubanga Bayibuli egamba nti Ejjinja eritikkira lyagaanibwa. Baaligaana.

133 Kati mwekkaanye, omulembe gw'ekkanisa . . . Kati njagala muwulirize bulungi nnyo. Kino tekibayitako. Kati omulembe gw'ekkanisa gubaddewo okuva ku ntandikwa y'Okuddaabululwa, eyali Luther, edda eri mu biseera amayinja g'omusingi lwe gaasimbibwa, nga y'enjigiriza y'abatume. Naye oluvannyuma tukiraba nti, ebiseera gye byeyongera okuyita, okuva mu mulembe ogumu okudda mu mulala, Ekkanisa yagenda yeeyongera okukendeera mu muwendo buli kiseera, okutuusa lwe kyatuuka nga . . . Luther yabuulira okuggyibwako omusango. Mu kiseera ekyo, kyali nti, okwatula obwatuzi, nti oli Mukristaayo, baali bakutta bussi, bye byali ebiro by'okuttibwa kw'abakkiriza, ne bafa nga abajulizi.

134 Kati ate tukiraba nti, mu biro bya Wesley, wayitibwanga mutukuvu eyeevulunga bwe wagambanga nti okkiriza Kristo mu kiseera ekyo, be baayitanga Abamesodisiti abapya. Abantu bajja wano mu kiseera Wesley we yajjira kuno, ne Asbury, baalina enkuŋŋaana wano mu Amerika, bw'osoma ebyafaayo byabwe, biraga nti enkuŋŋaana ezo baazikubanga mu bizimbe bya masomero. Amakanisa gaabwe ge baalina mu biseera ebyo gaagaana okubasembeza. Ne batuuka okuba nti bakkibwangako Omwoyo Omutukuvu, ne bagwa wansi, ne batuuka n'okubayiwako amazzi, n'okubawujjirira, nga balowooza nti bazirise. Ate nange kennyini nnali mbaddeko mu nkuŋŋaana zaabwe, mu myaka gyange ataano. Era nnabalabako nga bagwa ku ttaka wansi w'amaanyi ag'Omwoyo Omutukuvu bwe batyo, ne babayiira amazzi mu maaso, n'ebirala, Abamesodisiti bali ab'edda ab'eddembe, abaaliwo emyaka mingi egyayita. Eyo nayo yali ngeri ya kuyigganyizibwa.

135 Kaakati, ate, omulembe ogwo bwe gwaggwaako, ogwa Wesley, ne wajja omulembe gw'Abapentekoote ne gujja n'okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu. Mulaba, ogenda oyongera okufunza, buli mulundi. Naye kati mujjukire nti, awo wonna Ejjinja eritikkira lyali terinnaba kugissibwako. Lwaki? Bali bonna Ekkanisa bajja bagiwumbawumba mu ngeri yennyini nga bw'erina okuba, manyanga piramiidi mu nkula gy'esobola okutuuzibwako Ejjinja eritikkira, naye Ejjinja eritikkira teryajja. Ha, kati ndowooza wendi mulabawo, si bwe kiri!

136 Kati, obuweereza obwo bwonna okuva ku Luther okutuuka ku nkomerero y'Abapentekoote, mu kabinja akatono ennyo waggulu wano eno. . . Eyo y'ensonga lwaki Ekitangaala kumpi kiggwerawo ddala, mu mulembe guno, awo ku kalenda, ku kipande. Gwe mulembe gw'abapentekoote, abapentekoote abatuufu; ssi—ssi omulembe gw'amadiini g'Abapentekoote, kubanga abo baakolera ddala nga Lawodiikiya bwe yakola. Abo bali kitundu ku Lawodiikiya. Baakolera ddala nga Abanikolayiti bwe baakola, baagunjaawo ebibiina ebifugibwa abantu.

Naye Ekkanisa entuufu, wonna mu nsi, egenze ewumbwawumbwa okutuusa lwe wazzeewo obuweereza wakati mu Yo, obufaananira ddala n'obuweereza bwa Yesu Kristo. Kati kiki kye balina? Kati ekintu bakituusizza mu mbeera entuufu mwe kirina okuba. Kati kiki ekiddako? Kati ekiddako ly'Ejjinja lino, erya piramiidi, eryatemebwa okuva mu lusozi awataali kiki? Awataali kukozesa ngalo. Katonda ye yalisindika. Mukiraba? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Oyo eyagaanibwa, Ejjinja eryagaanibwa, ye mutwe gwa Kino; ye mutwe, ly'ejjinja eritikkira. Era y'Oyo yennyini gwe bazze bagaana, okuyita mu mulembe gw'Ab'amawanga gwonna, ye Kristo. Ate Kristo teyatemebwayo n'assibwa wano nga omusigire, oba omwana obwana ow'obuntu owa Katonda, oba omukungu omu ow'ekitalo mu kkanisa. Wabula Ye Mwoyo Omutukuvu. Era okujja kwa Kristo kwe kulitikkira piramiidi. Mukiraba? ["Amiina."]

137 Kati, kubanga bawumbiddwawumbiddwa mu nkula entuufu mwe balina okuba, (Kati mulaba okwewumbawumba kuno kwe nnakuggya okuli mu kifaananyi kya piramiidi, nga kwe kuzuukira kw'abatukuvu?) kati awo bakumba okugenda mu Kitiibwa. Kati mukitegeera? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Kristo, Ejjinja ery'oku mutwe, Ejjinja eryagaanibwa, Eriiso eriraba wonna, nga ajja mu ngeri yennyini nga Bayibuli bw'egamba. Era Danyeri yagamba nti yeekaliriza omulembe gw'Ab'amawanga guno okutuusa lwe wajja Ejjinja okuva mu lusozi, eritaatemebwa na ngalo. Ne gye buli eno piramiidi eyo tebagissangako jjinja lya ku ntikko. Teryatemebwayo na ngalo za muntu. Gwali mukono gwa Katonda gwe gwatemayo Ejjinja eryo. Mukiraba? ["Amiina."] Kati Lyakola ki? Lyajja butereevu ne likuba ekifaananyi kiri ku bigere, ne likibetenta, ne kifuuka nsaano. Aleeruuya! Kiki ekyabaawo mu kiseera ekyo, Ejjinja eryo we lyajjira? Ekkanisa yasitulibwa n'etwalibwa mu Kitiibwa, mu Kukwakkulibwa, kubanga ekyo kye kyakomekkereza omulembe gw'Ab'amawanga. Katonda yagukomekkereza, n'okujja kw'Ejjinja eryo.

138 Edda waaliwo abantu abajjanga wano ku kkanisa, omwami ne mukyala we. Abaakwatanga Bayibuli ne babaako ne we bagiwummuza; ne batandika okuyimba, nga bwe bagamba nti:

O, nnoonya Ejjinja eryo eryayiringisibwa e Babulooni,
Eryayiringisibwa e Babulooni . . . (Ne beetooloola, nga bwe balinoonya Eryo, mulaba.)
Nnoonya Ejjinja eryo eryayiringisibwa e Babulooni.

139 Y'oyo! Kristo ye Jjinja eryo. Teyazaalibwa muntu. Yazaalibwa Katonda. Akomawo okukima Ekkanisa eyazaalibwa ogw'okubiri, n'Omwoyo wa Katonda, kubanga amaanyi g'Ejjinja eryo ery'oku mutwe gatambula wonna mu Kkanisa, nga magineeti.

140 Nzijukira lwe nnali engulu wano, nga nneetegereza ekyuma ekyo mu kiseera kiri, ebyuma ebyo n'ebintu ebirala we baali nga babikolamu ebintu eby'enjawulo. Ebipapajjo ebyabanga bivudde ku byuma byonna ebyabanga awo wansi, byonna baabikuŋŋaanyanga ne babiggyawo. Ejjinja liri eddene lyayitangawo ne libisitula ne libiggyawo, ejjinja eryo eddene erya magineeti, ne libisitula byonna waggulu kubanga byasikibwanga olw'amaanyi ga magineeti eri.

Naffe tulina okufuna amaanyi ago aga magineeti ageekwata ku Jjinja eryo ery'oku mutwe. Ejjinja eryo ery'oku mutwe ye Mwoyo Omutukuvu, Kristo. Era buli omu ku ffe alina amaanyi ago aga magineeti ag'Omwoyo Omutukuvu. Na bwe kityo Ejjinja eryo bwe lirigwiira ekifaananyi, Ekkanisa eriddukira eri Amaanyi ago, n'eddayo mu Kitiibwa. Erisitulibwa, mu Kukwakkulibwa kw'abatukuvu, bw'eriba Egenda mu kiseera ekyo.

141 Kati, mulabeeyo wano. Tukirabye nti, kati Abayudaaya bamaze ebbanga nga baddayo ewaabwe, kyenkana emyaka amakumi ana egyakayitawo, nga kyenkana ky'ekiseera kye kimu kye baamala nga badduka okufuluma okutuuka yeekaalu lwe yazikirizibwa. Kibatwalidde kyenkana emyaka ana okukomawo, okutuusa lwe banaazimba yeekaalu endala. Mukiraba, tuli ku nkomerero ya lugendo kwennyini. Kati, singa Ab'amawanga . . .

142 Kati ka tulabe ku . . . Ekkanisa tugirabye, n'okujja kw'Ejjinja. Kati leka tulabe ku mulembe ogusembayo. Twabiyitamu. Kati tulaba. Nzikiriza wano nninawo bye nnawandiise ebikwata ku ekyo. Leka tulabe, mu kaseera katono ddala. "N'omulangira alijja, nga ye mulabe wa Kristo, alikola endagaano n'Abayudaaya." Ne mu Danyeri 7 . . . manya—manya 9:27. "Era mu makkati ga wiiki, gy'emyaka esatu n'ekitundu, ensolo erikola endagaano yaayo . . . " Ekyo nja—nja kukikwatako, oluvannyuma, eky'endagaano eyo. Twagala kuva . . . Mu kaseera kano wano wennyini we njagala ntandikire.

143 Buli gumu ku mirembe gino egy'Ab'amawanga gwakakasibwa n'obukakafu obutabuusibwabuusibwa ku ani yali omubaka waagwo, obubaka bwagwo, n'ebyalina okubaawo.

Omulembe guno *wano* gwali mulembe gwa kitiibwa.

Omulembe ogwaddako, ne kigamba nti waali wa kubaawo enjigiriza eyitibwa, manya waliwo ekyajja, ekyali kiyitibwa, "e—enjogera z'Abanikolayiti."

Ekyavaamu, ekyaddako, ne zifuuka enjigiriza.

Ekyavaamu ne wabaawo, okufumbiriganwa kwa . . . n'ekkanisa y'Ekinikolayiti, n'okuyigganyizibwa kw'abatukuvu. Buli kimu kyatuukirira ddala bwe kityo.

Bwe twatuuka ku guddako, ne wabaawo Akatangaala akatono akaatandika okuvaayo. "Olinamu ku maanyi amatonotono, olina n'erinnya ery'okuba omulamu, naye oli mufu. Ekyo ky'olina kinyweze, Nneme okujja, nzigyewo ettabaaza."

144 Okuva awo ne wajja Wesley, oluvannyuma lw'ogwo, naye n'ajja n'omulembe gwe. Twalaba biki byennyini . . . Omulembe gwa Wesley, gwali guyitibwa gutya? Firaderufiya. Omulembe—omulembe ogwali gujjuddemu okwagala gwe twali tubadde nagwo, omulembe ogwa Firaderufiya, gwaliwo mu kiseera kya John Wesley mwennyini.

Bwe yavaawo, ne wajja ogw'Abapentekoote, ate ogwo gwo gwali gwa kibuguumirize.

Awo ne tuddayo ne tunoonyereza okumanya bwali Bubaka kika ki obwali obw'okujja eri Abapentekoote, ku nkomerero.

Mujjukire nti, buli omu ku bo yajjanga ku nkomerero ya mulembe. Omutukuvu Pawulo yajja ku nkomerero. Ne bali abalala bonna bajjanga ku nkomerero, Omutukuvu Irenaeus, ne bali abalala bonna. Omulembe gw'omu gwakwatagananga n'ogw'omulala ogwabanga guddako, ne gikwatagana, ne yeeyongera mu maaso okuva awo naye n'ayingira mu mulembe omulala. Mulaba?

145 Kati, tukiraba nti, ne mu mulembe guno, waliwo emmunyeenye, nga bwe tulina mu giri. Tulina emmunyeenye, omubaka. Tulina omuntu, wamu ne—n'Obubaka obubuulirwa mu mulembe guno; ne tuba n'abantu ab'okubugaana; wamu n'abantu ab'okubukkiriza. Era omubaka w'omulembe guno yali wa kujjira mu maanyi ga Eriya. Ekyo ddala bwe kiri. Era yali wa "Kuzzaayo Okukkiriza kw'abaana eri bakitaabwe, akomyewo abaasigalira ku bapentekoote abatuufu, abaasigalawo, abazzeeyo ku Kukkiriza kw'abatume okutuufu."

146 Kati, mu Kukkiriza kw'abatume okutuufu, bw'okusomako mu Kitabo ky'Ebikolwa by'Abatume, ojja kukizuula nti tewali mulundi n'ogumu muntu lwe yabatizibwa, "mu linnya lya 'Kitaffe, Omwana, Omwoyo Omutukuvu.'" Tewali n'omu ku

bo eyamansirwako obumasirwa amazzi. Tewali n'ekimu ku bintu bino bye tulina ebigenda mu maaso leero, ebiyitibwa Obupentekoote, ebyaliwo emabega eri. Baalina okulabisibwa okwa nnamaddala, n'Omwoyo wa Katonda nga ali mu makkati gaabwe, ekyakakasanga awatali kubuusabuusa kwonna nti Omwana wa Katonda yali akolera mu bo.

Kati omuntu ono eyali ow'okujja, manyanga Obubaka buno, obwali obw'okujja, bwali bwa kufaanana Eriya. Eriya yali wa kujja emirundi esatu.

Kati muyinza okuŋŋamba nti, "Yokaana Omubatiza ye yali omuntu oyo." Naye bwe mwetegereza, Yesu yagamba nti Yokaana Omubatiza yali mubaka wa Malaki 3, so si Malaki 4. "Laba, Ntuma omubaka Wange mu maaso Gange." Ekyo ndowooza kiri mu Matayo 11:6, awo bwe watyo w'ojja okukisanga, mu Matayo essuula ey'e 11.

147 Kati, naye mu nnaku zino ez'oluvannyuma, Omwoyo w'Eriya alina okujja mu bantu, era ajja kukola ekintu kye kimu kyennyini kye baakola emabega eri. Enkula ye ejja kubeera y'emu yennyini, n'enkula y'Ekkanisa. Enkula ya—y'omuntu oyo ejja kubeera eri yennyini. Era n'Obubaka obwo bwe bunaabuulirwa, okugezaako . . . Ajja kukyayibwa, abantu. Ajja kukyawa abakazi, abo bonna, abagwenyufu, ababi. Ajja kuba mwagazi nnyo wa ttale; tamala gakyamukirira, muntu eyeekengera buli kadde, nga Eriya bwe yali, era nga ne Yokaana bwe yali. Era bino byonna tubirabye nga bituukirira. Bwe tuba nga Obubaka twabufuna, Kristo tumulabye nga agaanibwa. Oteekwa okuba nga oli mmemba mu kimu ku bibiina bino bwe kitaba ekyo tosobola kubeegattako. Na bwe kityo, Ye, Asuuliddwa ebweru. Mukiraba? Kristo tasobola kukolera mu makkati gaabwe.

"Oli muki?"

"Ndi Mukristaayo."

"Oli wa ddiini ki?"

"Sirina ddiini yonna."

"Ggwe tetusobola kukukozesa."

148 Mukiraba, Agaaniddwa. Ddala bwe kiri! Mulaba, Agaaniddwa! Ne Eriya yagaanibwa, ne Yokaana yagaanibwa. Naye, kati, ekyo kyabakosa? Kirina bwe kyakosa obubaka bwabwe? Baabagamba bugambi nti, "Naye, mmwe abakakanyavu b'ensingo." Baakibalangira. Ebigambo byabwe tebaabirumamu. Beeyongera bweyongezi mu maaso. Kati n'Obubaka bwa Katonda bujja kweyongera okugenda mu maaso, omuntu yenna k'ayogere kiki, mulaba, okutuusa ku nkomerero ya byonna, era awo . . . ekyo ekyagerekebwa lwe kirifukumulwa. Era tuli ku nkomerero.

149 Kati, twesanga kati, nga tuli mu myaka ana egy'okukomawo, okuva ku Ssematalo Eyasooka, era Abayudaaya bazzeeyo mu nsi yaabwe. Katonda teyakolagananga na Isiraeri okutuusa nga bali mu nsi yaabwe.

150 Kati, mujjukira Abayudaaya bwe baali bakomawo, Abayudaaya abo nga bava mu mawanga amalala, ne mu katabo akayitibwa *Look* magaziini baakiwandiikako omulamwa mulamba. Nnina akatundu ke nnasoma akaasalibwa mu lupapula lw'amawulire olumu, kaasalibwa mu magaziini emu ewandiika ku by'eddiini, mwe baawandiika nga bagamba nti bwe ba. . . Ennyonyi ezo bwe zaagendayo okunonayo Abayudaaya bano mu Iran. Ssimanyi na kumanya wa yennyini gye baali, yonna gye baali baasaasaanira.

Kati, abo be Bayudaaya bennyini ddala, abo abataafuna mukisa. Kati, muganda wange, abo gy'emitwalo giri ekkumi n'ena mu enkumi ennya. Bwe tunaatuuka mu Okubikkulirwa 11, mujja kubalaba. Yagamba nti, "Waaliyo ebika kkumi na bibiri (abava mu Gaadi) ebika kkumi na bibiri (abava mu Aseri), ebika kkumi na bibiri (abava mu Lewubeeni), ebika kkumi na bibiri . . . " Era bonna baali bayimiridde wa? Ku Lusozi Sinaayi. Abayudaaya, nga bazzeeyo mu nsi yaabwe, nga be baabo. Bano beebo abataali kitundu ku kibinja kya bayaaye bano ab'oku Wall Street. Nedda, ssebo. Abo be Bayudaaya ddala bali bennyini.

151 Era labbi ono omukadde bwe yayimirira eruuyi n'alengera ennyonyi eno nga ekka wansi, nga erimu Abayudaaya abo. Mwakisomako mu magaziini. Baali bakyalimisa enkumbi ziri ezaakolebwa mu miti. Kale bwe baalengera ekintu ekyo nga kikka wansi eruuyi eri, baali tebayinza kwetantala kukisemberera kukyetooloola. Labbi oyo omukadde yayimirira eruuyi n'abagamba nti, "Mujjukire, nnabbi waffe bwe yagamba nti, 'Bwe tuliba tuddayo mu nsi yaffe, tuliddirayo ku biwaawaatiro by'empungu.'"

Amawanga gasasika, Isiraeri egolokoka,
Obubonero bannabbi bwe baalagulako.

Tunaatera n'okuyingira mu wiiki yaabwe eyo ey'omusanvu.

152 Nnakubamu akafaananyi, nga nneeraba, gyendi nnina we nnyimiridde, Ow'oluganda Pethrus bwe yabaweereeza obutabo bw'Endagaano, ne babusoma. Baagamba nti, "Naye kati, ono bw'aba nga ye Masiya, leka—leka tumulabe nga akola akabonero ka Nnabbi; bw'Aba nga ddala si mufu, nga Mulamu." Baagamba mbu, "Yazuukira; era Mulamu ali mu Kkanisa Ye; kale leka tumulabe nga akola Akabonero ka Nnabbi, naffe tunaamukkiriza." Abayudaaya bulijjo bakkiriza . . . Bakimanyi nti Masiya yali alina kuba Nnabbi.

153 Kale bwe nnali erudda eri ew'Ow'oluganda Arganbright luli, mu kifo ekyo, nga Abayudaaya abo bayimiridde awo, nga bwe bansaba nti, "Jangu okyaleko ewaffe, mu bantu baffe."

154 Nnabaddamu nti, “Weewaawo, nja kusanyuka okujja.” Ne nkolerawo okusalawo, mu bwangu obw’ekitalo.

155 Ne nsitula ne ŋŋenda e Cairo, mu Misiri. Ekiro kya luli, bwe nnalaba ennyonyi eri nga ekka wansi e Cairo, yanzijukiza. Era bwe twaddayo, ate nnalina ne tikiti yange ey’okuntwala mu Isiraeri, baali bagenda kunsisinkana. Ne mbagamba nti, “Mugende, mubeeko abakulembeze enkumi nga ziizo mubakuŋŋaanye. Mubatikke ku nnyonyi mubaleete, tujja kulaba oba ddala Akyali Nnabbi oba nedda. Amiina. Weewaawo, leka tulabe ky’Anaakola.” Ha, ekyo kyali nga kye baali bamaze okufuna. Ekyo kye baali baagala. Ekyo singa bamala ne bakirabako, bakikkiririzaawo.

156 Kati kiki kye nnakola? Nnatuuka e Cairo, ne ntandika olugendo olw’okugendayo. Tikiti yange nnali ngirina; nga wabulayo eddakiika nga abiri batuyite okulinnya ennyonyi. Ekintu ne kiŋŋamba nti, “Si kati. Ekikompe ky’obutali butuukirivu, obw’Ab’amawanga, tekinnajjula. Abaamoli bye bateekwa okukola tebinnatuukirira. Togeza n’ogendayo!” Muli ne ndowooza nti oba oli awo ebyo mbirowoozezza bulowooza nga nze, bwentyo ne ŋŋenda emabega w’ekifo mwe basimba ennyonyi ne nsaba. Ne kiddamu ne kigamba nti, “Togeza n’ogendayo kati.” Ne nkwata tikiti yange ne mbaako awalala gye nnagenda. Ssaagendayo, kubanga ekiseera kyayo tekinnatuuka.

157 Kati, kiseera ki Katonda mw’anakkiririza Abayudaaya abo, okutandika okukolagana nabo nate, siyinza kubagamba nti kye kino. Sikimanyi. Ekyo tewali n’omu akimanyi. Naye, muwulirize, Isiraeri bwe baba baatuuka dda mu nsi yaabwe, kitegeeza byonna bitegekeddwa. Amayinja gonna baagalonda, balina enkola ey’okufukirira ebirime, balina amazzi, na buli kimu kyonna Katonda kye yasuubiza. Baasangayo enzizi n’ebintu eby’enjawulo, n’ensulo z’amazzi ennene, era kati ky’ekifo ekisingayo okulabika obulungi kye wali olabye. Baazimbayo n’ekibuga. Balina enkola ey’okufukirira ebimera. Balina ettaka erisingayo obugimu mu nsi yonna, mu nsi eyo. Era tukizuula nti, ne mu Nnyanja Enfu mwennyini, mujjuddemu eby’obugagga eby’ebirungo, ebiyitirivu, ebisobola n’okugula ensi yonna. Mukiraba?

158 Kati buli kintu kikomekkerezza mu mikono gyabwe. Baakikola batya? Kubanga omutima gwa Hitler gwakakanyazibwa, n’omutima gwa Mussolini ne gukakanyazibwa, nga era omutima gwa Falaawo bwe gwakakanyazibwa, ne babagoba baddeyo mu nsi eyo. Era okumala emyaka amakumi ana babadde baddayo mu nsi eyo. Kaakano bali eyo, balindiridde.

159 Ekkanisa y’Ab’amawanga eri mu Lawodiikiya, eri ku nkomerero ya Mulembe gwa Lawodiikiya. Bwe. . . Abayudaaya bali mu nsi yaabwe, bakkalira dda. N’okukyamizibwa

kw'Ab'amawanga okuva ku mazima kwamala dda okubaawo. Kye tuva tulina Pulezidenti nga gwe tulina. Tulina eggwanga eritaagusetaaguse bwe liti. Tulina bbomu nnamuzisa eziterekeddwa mu bifo ebiterekebwamu bbomu. Tulina ekkanisa ey'ekibuguumirize. Tulina Ekkanisa, abantu, abali mu kukuŋŋaana awamu. Tulina obuweereza obufaanana n'obuweereza bwa Yesu Kristo, obunaatuulwako Ejjinja liri we Linajjira. Kiki ekikyasigaddeyo okutuukirira? Kyandibaawo eddakiika yonna okuva kati. Tewali kikyasigadde. Tuli ku nkomerero. O, kitiibwa! Simanyi oba nnaasobola okubabuulira ku jjubireewo eyo, oba ssiisobole, naye era njagala—njagala mbeeko ekitundu kyayo kye njogerako, waakiri.

160 Muwulirize, mu . . .? Kati bameka abakiraba? Kati mulaba Ebyawandiikibwa bwe bikakasa nti wiiki ensanvu gyali emyaka ana mu mwenda? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Mulaba wiiki enkaaga mu bbiri we ziwerera emyaka ebikumi ebina mu asatu mu ena? Mulaba wiiki e—enkaaga mu omwenda mu kiseera kiri bwe zaali zi—zi—zi . . .? Gyali emeka? Lunaana mu . . . Emyaka ebikumi bina mu—mu kinaana mu esatu. Emyaka ebikumi bina mu kinaana mu esatu okutuusa ekiseera kino. Mulaba ekiseera Omulangira we yasalibwako? Olaba, obala emyaka ana gye kyatwalira Abayudaaya okuddayo ewaabwe, Katonda gye yabagamba.

161 Mulabeeyo erudda wano omulembe gw'Ab'amawanga we guyise mu byonna bye twayogera bye gwalina okuyitamu; we, manya si *ffe* abaakyogera; wabula Bayibuli bye yayogera bye gwalina okuyitamu. Byennyininnyini Bayibuli bye yayogera bye gwalina okuyitamu, bizze bituukirira okutuukira ddala ku mulembe guno ogusembayo; era okumala emyaka amakumi ana Abayudaaya abo babadde bakomawo erudda eno, nga beeteekateeka ku lwa Katonda okukola kyennyininnyini kye Yakola erudda eno. Eyo ye ngeri gye baafuluma, era eyo ye ngeri gye baakomawo. Era Isiraeri baddayo dda mu nsi yaabwe.

162 Kati, Katonda wiiki yaabwe esembayo anaagitandika ddi? Ddi? Kyandibaawo olwa leero. Kyandibaawo akawungeezi ka leero nga enjuba tennagwa. Katonda ajja kukirangirira. Ddi lwe kinaabaawo, nange simanyi. Nange kye nneebuuza. Naye ŋŋenda kubaako ne kye nsuulawo, kati, mu ddakiika ntono, simanyi oba munaakikkiriza oba temuukikkirize. Naye nteekwa o—o—okukyogera, era.

163 Tuli ku butaka. Abayudaaya bali mu nsi yaabwe. Tuli ku nkomerero y'omulembe, tulinze Kukwakkulibwa. Okukwakkulibwa bwe kujja, nga Ekkanisa esitulibwa waggulu, nga ffenna tusitulibwa okugenda okumusisinkana mu bbanga. Ekyo ffenna tukimanyi. Liri Ejjinja eryatemebwa okuva mu lusozi, akaseera konna lijja. Era bwe Lijja, likola ki? Liggalawo omulembe gw'Ab'amawanga. Ebyabwe biba biwedde, era Katonda akoma awo okukolagana nabo. "Omugwagwa

leka asigale nga mugwagwa; n'omutuukirivu asigale nga mutuukirivu." Mukiraba? Kati awo kiki ky'Akola? Atwala Ekkanisa Ye, abo abajjula Omwoyo Omutukuvu.

164 Be b'ani abo "abagwagwa"? Y'embeerera enneebafu n'abo abaligolokokera okusalirwa omusango, erudda *wano* eno. Ekyo tujja kukituukako ku kipande ekirala, nga kino tukimalirizza, tulabe w'eviirayo okugenda mu maaso g'Entebe Enjeru ey'Omusango nga abanunule be balina okugisalira omusango. Pawulo yatugaana okutwala ensonga mu kkooti, kubanga abatukuvu be balisalira ensi omusango. Ekyo bwe kiri. Tuli ku nkomerero, *wano*, kati. Kale.

165 Era mu makkati ga wiiki eno . . . Kati, ensanvu ziizino. Kati, zino bwe ziba zaali emyaka musanvu gyennyini, buli emu ku wiiki zino, nga wiiki enkaaga mu omwenda twazimalako dda, bwe zaggwaako ne tuba n'omulembe gw'Ab'amawanga, nga era tukimanyi bulungi nti tuli ku nkomerero y'omulembe gw'Ab'amawanga, kitegeeza wakyasigaddeyo wiiki endala emu eri Abayudaaya. Si bwe kiri? Era nga egyo gy'emyaka musanvu gyennyini. Kuba *gino* bwe giba gyali emyaka musanvu, n'*egyo* nagyo girina kuba myaka musanvu, kubanga Yagamba nti, "Waliyo wiiki nsanvu ezaagerekerwa abantu bo." Na bwe kityo tukimanyi nti tulinayo emyaka musanvu eri Abayudaaya. Si bwe kiri? Kati mukyekkaanye. Njagala nkimanye, singa wabaayo ekibuuzo kyonna. Mukiraba?

166 Kati, mu makkati ga wiiki, mu makkati ga wiiki eno ey'Abayudaaya; mukiraba, egyo nga gy'emyaka—emyaka esatu n'ekitundu; omulabe wa Kristo, omulangira, omulangira agenda okujja. Ate mujjukire nti, ava Rooma, omulangira oyo agenda okujja. Y'ani? Ye ppaapa. Omulangira ow'okufuga mu bantu, agenda okujja, walisituka Falaawo atamanyi Yusufu.

167 Kati, mmwe ab'enzikiriza eziwakanya Obukatuliki muyinza okugamba nti, "Kati, awo kitegeeza, ky'ekyo." Naye musooke mulindeko. Tukizuula nti ab'enzikiriza eziwakanya Obukatuliki beegunjizaawo ekibiina, ne bakola omukago ogugatta amakanisa, nga ky'ekifaananyi eri ensolo, era ne babeegattako.

168 Nate tukizuula wano nti Abayudaaya nabo baayanirizibwa okwegatta ku mukago guno, (yee, ssebo), era ne bakkiriziganya nagwo. Ne Bayibuli egamba nti bakkiriziganya nagwo. Bw'atyo n'akola nabo endagaano.

Mu makkati ga wiiki ey'ensanvu, n'agimenya, omulabe wa Kristo n'amenya endagaano ye gye yakola n'Abayudaaya, "abantu bo." Lwaki?

Kati tusoma mu Kubikkulirwa 11, nga agamba nti, "Nndituma . . ." Kati tuli mu ssuula ya 11. Kati awo nga oyolekedde ey'e 19. Nti Alituma bannabbi Be ababiri, era baliragula mu kiseera ekyo, nti era bannabbi bano abantu

balibanyiigira era balibatta. Si bwe kiri? N'emirambo gyabwe girisuulibwa awo mu luguudo lw'ekibuga mu mwoyo ekiyitibwa Sodomu ne Ggomola, eyo Mukama waffe gye yakomelerwa, e Yerusaalemi. Ekyo bwe kiri? Era balibeera awo okumala ennaku ssatu n'ebiro bisatu. Naye oluvannyuma lw'ennaku ezo essatu n'ebiro ebisatu, omwoyo ogw'obulamu gulibayingiramu, era balizuukizibwa ne bagenda mu Kitiibwa. Era ekitundu kimu kya kkumi eky'ekibuga ne kigwa mu kiseera ekyo. Si bwe kiri? Mukiraba? Kiki ekyo? Wakati mu myaka gino ensanvu egisembyeyo.

169 Ekkanisa bw'esitulibwa n'etwalibwa waggulu; olwo nga omukago gw'amakanisa, embeerera enneebafu, Abamesodisiti, Ababaputisiti, Abapulesibeteriyani, n'Abapentekoote ab'ekibuguumirize, nga bonna beegatta wamu mu mukago ogw'awamu. Nga, ne we twogerera omugendo gwabwe ogwo omunene bagulina weeguli. Era bwe balyegatta, balikola endagaano. Ate, nga, na kati, ppaapa ono omupya gwe tulina kati afuba okulaba nga bonna abakuŋŋaanya wamu. Ekintu temukiraba nga kigenda kyetuuma wamu? Ajja kukyogerako, era bonna abakuŋŋaanye wamu abayingize munda, omulundi ogusookedde ddala mu bikumi n'ebikumi n'ebikumi by'emyaka; manya mu myaka lukumi, oba enkumi bbiri, lwe kinaasooka okukolebwa. Naye kati bonna bonna ajja kubayingiza munda, beegatte wamu, bakole omukago, era era mu mukago ogwo n'Abayudaaya balikkiriza okugubeeramu. Ha, abaffe! Ekitiibwa! Aleeruuya! Katonda waffe atenderezebwe Oyo abeera omulamu emirembe n'emirembe! Kiikyo! Kaakano, muganda wange, kati kitegeerekeka bulungi nnyo, nnyo nnyo ddala era n'omwana omuto asobola okukiraba. Omukago ogw'okuleetera Abayudaaya, n'ab'enzirikiza zonna eziwakanya Obukatuliki, okwegatta awamu, n'Abakatoliki.

Ate, mujjukire, bannabbi bano ababiri balikola ki bwe balijja?

170 Ensolo eno, omulangira ono aliyuzaayuza obuyinza bw'abantu abatuukirivu, kiki ky'alikola? Alimenya endagaano ye gye yalagaana nabo. Emyaka esatu n'ekitundu bwe giriyitawo, alibawamba. Kati, abantu balowooza nti obwo bwe bwannaakalyak'ani. Ekyo kiri lwa kuba... Omwoyo wa Katonda tannaba kukolagana naawe. Obwo si bwannaakalyak'ani; eyo ddiini. Bayibuli egamba nti, "Kiriba kikyefaanaanyiriza nnyo n'okutuusa okuba nti kyandirimbye n'Abalonde bennyini singa kyali kisoboka." Bw'atyo Yesu bwe yayogera. Mulaba, tuli wasemba.

171 Kati, bannabbi bano bombi, balikola ki? Balibeera Musa n'Eriya be balijja. Balibuulira Abayudaaya abo ensobi yaabwe. Era okuva mu kibinja ky'Abayudaaya abo abaliyo mu kaseera kano, mwe muliva emitwalo ekkumi n'ena mu enkumi ennya, Katonda b'aliyita nga akozesa bannabbi bano. Kiriba

kiki? Omwoyo w'Eriya, bw'alimala okukolera mu Kkanisa eno ey'Ab'amawanga, alyeyongerayo bweyongezi n'ayingira mu kkanisa eri ey'Abayudaaya, n'agiyingiramu n'atandika okubakoowoola; nga ne Musa ali wamu naye. Aleeruuya! Mukiraba? Era alibuulira Obubaka bwe bumu obwa Pentekoote, eri Abayudaaya abo, nga abagamba nga bwe baagaana Masiya. Amiina! Mukiraba? Buliba Bubaka bwe bumu bwennyini obwa Pentekoote, Abayudaaya bano bwe balibabuulira. Era balikyayira ddala Abayudaaya abo okutuusa lwe balibatta. Era baakyayibwa amawanga gonna.

Era mu makkati ga wiiki, olw'okuba baali bayimusizza ekibinja eky'amaanyi, kya mitwalo kkumi n'ena mu enkumi nnya. . . Baalina Omwoyo Omutukuvu. Ate, ow'oluganda, bw'oyogera ku ky'okukola ebyamagero, ddala baabikola. Baasiba eggulu, enkuba n'etatonnya mu biro by'obunnabbi bwabwe; ensi ne bagikuba kawumpuli owa buli ngeri, nga bwe baayagala. Bassa kawumpuli owa buli ngeri n'ebirala eby'enjawulo. Baliwa Abaruumi abo ekiseera ekizibu. Naye, era oluvannyuma, balittibwa. Katonda waffe Katonda wa ntiisa bw'aba Anyiiziddwa. Naye mujjukire nti, ebyo byonna bibeererawo eri mu wiiki ey'ensanvu, nga Ekkanisa yo eri mu Kitiibwa, amiina, nga Ekijjulo ky'Embaga kigenda mu maaso. Weewaawo!

172 Kati mulabeeyo. Awo Omugole we tumulabira nga akomawo mu Yeekaalu ey'omu kufuga okw'Emyaka Olukumi erudda wano ku nkomerero y'omulembe gw'Abayudaaya, "abo abaafukibwako amafuta." Wuuno n'Ajja, nga yeebagadde embalaasi enjeru; ne bali nga bwe bamugoberera, nga bali ku mbalaasi enjeru. *Embalaasi*, "amaanyi." Nga ayambadde ebyeru; omusaayi, manyanga, nga ayambadde ekyambalo ekinnyikiddwa mu musaayi; nga awandiikidwaako nti, "Ekigambo kya Katonda." Ajja nga Omuwanguzi ow'amaanyi, yee ssebo, okuteekawo okufuga okw'Emyaka olukumi, n'ajja mu Yeekaalu. Ekitiibwa! Eyo gy'Asisinkanira bali emitwalo ekkumi n'ena mu enkumi ennya, oluvannyuma lwa wiiki eyo ey'ensanvu wano eno.

173 Wiiki ey'ensanvu, bino bibeererawo mu wiiki ey'ensanvu. Mu egyo esatu, mu makkati ga wiiki eyo, agikutulamu, kubanga atta bannabbi abo ababiri abapentekoote, yee ssebo, abakuba ensi.

Era, nkukakasa, ekereziya eyo Agikolimira, n'okugyokya n'Agyokya n'omuliro. Era, eky'amazima, e. . . Oluvannyuma tukiraba awo nti n'abagoba b'amaato nga bayimiridde emitala balengera, baakuba ebiwoobe nga bwe bagamba nti, "Zikisanze, zikisanze, ekibuga ekyo ekitaggwaawo eky'e Rooma, kizikiridde ne kiggwaawo mu ssaawa busaawa." Kyakubibwa ne kibetenteka. Katonda amanyi engeri y'okukolamu ebintu. Awo omu ku Bamalayika n'atunula, n'agamba nti, "Kubanga, kyasangibwamu omusaayi gwa

buli mujulizi wa Kristo," olw'obulimba bwe, n'okugenda nga agunjagunjaawo ebintu, n'okukola kacica ono yenna, n'okwonoona ekkanisa, n'agireetamu ebintu ebyo, n'atta n'abantu bennyini abaagezaako okugisimba enyweere n'agezaako okubafulumya okugibaggyamu.

174 Ekitiibwa! Bannange, si—simanyi na kumanya. Mpu—mpu—mpulira nsobola okweyongerayo mu lugendo. Mukiraba? Mmwe temuli basanyufu olw'Omusana gw'Omwana, okubeera nti mutambulira mu Musana gw'Omwana! Tuli wa, ow'oluganda? Tuli mu kaseera akasembayo! Kyandibaawo, akaseera konna. Tuli wano!

175 O—Obubaka bubuuliddwa eri ekkanisa esembayo, ekkanisa eyagaana Kristo waayo. Abayudaaya kaakano bali mu nsi yaabwe bamazeemu ekiseera, kya myaka ana. Ekibuga ekipya kizimbiddwa. Kiki kye balindirira? Masiya agenda okujja. Kiribaawo ddi? Simanyi. Ejjinja eryo bwe lirikuba ekifaananyi *wano* eno, Omugole n'agenda; olwo byonna biriba biwedde.

176 Kati mulabeeyo wano. Mu makkati ga wiiki, ennaku ssatu n'ekitundu. . . emyaka esatu n'ekitundu, manya, amenya endagaano gye yakola n'aleetera ssaddaaka n'ekitone. . . bye baliba bamaze okussaawo.

Kubanga, baliddayo ne bagamba nti, "Kaakati, mulabeeyo, mwenna muli makanisa. Mwenna musobola okwanirizibwa okuyingira mu kifaananyi ky'ensolo kino. Tujja kussa kimu nga tukolera wamu. Tujja kumalawo enkola y'obwannaakalyak'ani. Obwannaakalyak'ani tujja kubumalirawo ddala." Mukiraba? Ate nga basobola okukikola. Mukiraba? Era bajja kukikola.

177 Naye kati mulabeeyo. Kati bategeka, kati bali mu kwetegekera kino, okusinza ne ssaddaaka ebya buli lunaku birikomawo mu kibuga yeekaalu bw'eriba ezimbiddwa. Naye omulangira ono agenda okujja mu makkati ga wiiki eno, alimenya endagaano ye n'akomya n'okuwaayo ssaddaaka. Waagambye nti, "Alikisaasaanya, alikisaasaanya." Era ekyo ky'alikola, era kiribeerawo okutuusa ku nkomerero ya byonna.

178 Kati mwetegereze:

> . . . *okubuutikira* kw'eky'omuzizo okuleeta okuzikiriza. . .

"Okubuutikira kw'eky'omuzizo." *Eky'omuzizo* kye kiki? "Mpitambi." Mukiraba? "Okuzikiriza," ekyo kitegeeza ki? "Kusaanyawo." Okubuutikira kwa *kino*, kujjawo *kiri*. Mukiraba? Okubuutikirwa kw'obuyinza bwa Rooma, okuwamba bonna ab'omu mbeerera enneebafu, Abayudaaya n'abalala bonna. "Ffenna tulina kuba Baruumi bwe kitaba ekyo tusaanyizibwewo." Mu makkati ga wiiki, alimenya endagaano ye gye yakola.

179 "Okubuutikirwa eky'omuzizo." Bw'eba nga ye yali eky'omuzizo mu biro bya Yesu, Rooma bwe yagendayo n'obulimba bwayo, ne ku luno era eriba Rooma, nate era eriba kya muzizo eri ekkanisa.

> . . . *okuzikiriza*, era alyeyongerayo okutuusa ku *nkomerero ya byonna* . . .

Alikola ki? Alyeyongerayo okutuusa ku nkomerero ya byonna, nga eyo, y'enkomerero.

180 Kati, enzikiriza y'Ekiyudaaya, n'enzikiriza y'e Rooma, n'enzikiriza eziwakanya Obukatuliki (nga abo, y'embeerera enneebafu), bonna balyegatta wamu mu mukago ogugatta amakanisa. Era kiriba nga Yesu bwe yayogera mu Matayo 24, era nga bwe kiri ne mu Kubikkulirwa 13:14.

Leka tubikkule Okubikkulirwa 13:14, tulabe. Nnina we nakiwandiise wano, tulabe kye kiri, 13:14. Kale, ssebo.

> N'ebalimba *abatuula ku nsi olw'obubonero bwe yaweebwa okukola* (okugatta awamu amakanisa gano) *mu maaso . . . ng'egamba . . . mu maaso g'ensolo; ng'egamba abatuula ku nsi, okukolera ensolo ekifaananyi, eyo eyakubwa ekiwundu* eky'okufa *eky'ekitala, naye n'eba nnamu.*

181 Kati, tumanyi bulungi, awatali kubuusabuusa kwonna, ensolo eyo kye yali, obuyinza obwo obwakubwa ekiwundu eky'okufa ne buddamu ne buba bulamu. Kyali luli Rooma enkaafiiri lwe yattibwa, Rooma ekulemberwa ppaapa n'edda mu kifo kyayo; amaanyi g'obukaafiiri bwe gattibwa, amaanyi g'obwa ppaapa ne gadda mu kifo kyago.

182 Kati, kati, Okubikkulirwa 13:14. Yesu, mu Matayo 24, yakibalabulako. "Ekifaananyi eri ensolo."

183 Pawulo, mu Bassessaloniika Eky'okubiri essuula ey'oku 2, olunyiriri olw'o 3 n'olw'o 4. Leka tubikkuleyo, tulabe Pawulo, ky'akyogerako wano. Omwoyo Omutukuvu ow'ekitalo nga ali ku nnabbi wa Mukama ono ow'amaanyi, tulabe kye yakyogerako mu nnaku ez'oluvannyuma. Mu Basessaloniika Eky'okubiri, kiri mu ssuula ey'oku 2. Kale, ssebo. Tutandikire ku lunyiriri olw'oku 3, nzikiriza lwe lwo. Kale, kaakano leka tusome. Muwulirize bulungi, buli omu. Bameka abakkiriza nti Pawulo yali yajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu? Amiina. Mulabeeyo wano.

> *Omuntu yenna tabalimbanga mu kigambo kyonna kyonna: kubanga olunaku olwo terulijja wabula ng'okwawukana kuli kumaze kubaawo, . . .*

Agezaako okukiggya mu ndowooza zaabwe nti Akomawo mu kiseera ekyo kyennyini kye balimu. Yagamba nti, "Okusooka, wateekwa okubaawo okugwa okuva ku Kkanisa," mukiraba, etuuke erudda eno mu mulembe guno ogwa Lawodiikiya.

. . . era omuntu oli ow'okwonoona nga alimala okubikkulwa, . . .

"Omuntu oyo ow'okwonoona," obutakkiririza mu Mwoyo Omutukuvu. Obutakkiriza bubikkulwe.

. . . omwana w'okuzikirira;

Nga Yuda bwe yali, eyali omuwanika w'ekkanisa.

Aziyiza era eyeegulumiza okusinga buli kintu ekiyitibwa Katonda, oba ekisinzibwa; n'okutuula n'atuula nga Katonda mu yeekaalu ya Katonda, . . .

Ow'oluganda, ku nsi waliwo omuntu, akola ekyo, nga oggyeeko oyo atuula e Vatikaani? Ali wa?

184 Kati, mubikkule erudda wano mu Kubikkulirwa 13, mbalage nti omusajja ono atuula ku kibuga . . . mu kibuga, nga n'ekibuga ekyo kitudde ku—ku busozi musanvu. N'omuwendo gw'ensolo guli lukaaga mu nkaaga mu mukaaga, oguwandiikiddwa mu—mu lulimu Olulattini . . . mu nnyukuta za walifu y'Abaruumi, guli lukaaga mu nkaaga mu mukaaga, by'ebigambo *VICARIVS FILII DEI*, ekitegeeza nti "Omusigire w'Omwana wa Katonda," biri ku ntebe ya ppaapa. Era ku ntebe ye, kuliko engule ya miteeko esatu. Era engule eyo nnali ngirabyeko, nnayimiririra ddala kumpi nnyo, mu bbanga nga, eriri wakati w'omukono gwange n'amaaso gange, ne—ne ndaba engule ya ppaapa eyooyooteddwa awo wennyini mu Vatikaani, nze kennyini, nnayimirira awo ne ngyetegereza, okusobola okukakasa nti bye njogerako mbimanyi. "Yeegulumiza, ye kennyini, waggulu wa buli kintu kyonna ekiyitibwa Katonda, waggulu w'abasajja abatukuvu bonna. Bonna y'abasinga obutukuvu; atuula mu yeekaalu ya Katonda, nga yeeraga nti ye ye Katonda," nga asonyiwa ebibi ku nsi, n'ebirala byonna, nga bwe mumanyi. Ddala.

185 Pawulo yagamba nti, "Okugwa okwo kulimala kubaawo, omwana oyo ow'okuzikirira n'abikkulwa."

Temujjukira, nga, bwe nnali . . . nkyali gye muli, nnababuulira ebyo?

186 Ha, mpulira nga nnandikyagadde okubeerayo nga ntudde, mpuliriza Pawulo nga ekyo akibuulirako, mmwe temwandikyagadde? Hmmm! Nga nnandyagadde nnyo okumuwuliriza! Ha, bannange!

187 Kati kiki ky'agenda okukola? "Ekifaananyi eri ensolo." Abasessaloniika Eky'okubiri. Kati muwulirize. Muwulirize bulungi nnyo n'obwegendereza kati. Kati ekkanisa yali ewulira okujja kwa ppaapa okwali kubindabinda. Ky'ekiki ekyo? Enkomerero y'omulembe gw'ekkanisa ogwo, Pawulo. Baalaba ebikolwa by'Obunikolayiti bino nga bitandiikiriza; ne bakimanya nti wajja kubaawo omusajja omutukuvu, (aliwunzika nga afuuse ki?) ppaapa. Okwagala kw'ebintu by'ensi wamu n'abakungu byali bisensedde ne biyingira mu

kkanisa, era nga bikyusizza n'enkola entuufu ey'okusinza. Pawulo, nga aliko Omwoyo Omutukuvu, ekyo yali yakiraba mu Mwoyo. Era ekkanisa, mu bika by'abantu eby'enjawulo, abakungu, ab'ebitiibwa, n'abalala bonna, baasobola okukiraba nti waaliwo ekyali kijja. Era Omwoyo Omutukuvu yali abalabula ku biribaawo mu nnaku ez'enkomerero. Temujjukira Yesu bwe yabyogerako? Ebikolwa by'Abanikolayiti, ebyawunzika nga bifuuse enjigiriza, oluvannyuma ne bifuuka ekibiina ekigunje eky'obuntu! Ab'oluganda, tetukyali mu kizikiza kati. Ekyo mukijjukire, mulaba. Tuutuno wano.

188 Ebikolwa by'Abanikolayiti, ekibiina eky'obuntu nga kigenda kitandiikiriza, abakungu ab'ebitiibwa, nga be bafuga amakanisa, n'ebintu ebirala bwe bityo, oluvannyuma n'efuukamu ekereziya Katolika. Bw'atyo Pawulo n'agamba nti enkomerero teyinza kubaawo, ekiseera ekyo tekiyinza kubaawo, okutuusa nga wamaze okubaawo okugwa okuva ku Nzikiriza ey'enkola eya pentekoote, eri eya nnamaddala. Eri Enzikiriza ey'enkola eya pentekoote eriggyibwawo, era abakungu baliwamba. Balifuna omusajja alyezza ekifo kya Katonda, n'atuula mu yeekaalu ya Katonda, ne yeewaŋŋamya, ku bantu bonna bw'atyo. Era, ekyo, mulaba, ekyo kye kiki? *Nickao*, "okufufugazza abakulemberwa." Mukiraba? "Kyonna ekiyitibwa Katonda; alituula mu yeekaalu ye eya Katonda, nga Katonda." Pawulo yagamba nti walisooka kubaawo kugwa, mu nnaku ez'oluvannyuma. Era tuutuno wano, mu kiseera kino kyennyini, nga okugwa okwo tukulaba, tulaba ekkanisa nga yeeyongerera ddala Ekyo okukivaako, nga eddirayo ddala emabega. Era tuli ku nkomerero. Kale.

189 Kati, wiiki enkaaga mu omwenda bwe ziba zaatuukirira ddala nga bwe zaalagulwa, nga n'Abayudaaya bali mu nsi yaabwe mu kaseera kano, nga n'omulembe gw'ekkanisa y'Ab'amawanga gutuukidde ddala mu kiseera eky'enkomerero nga bwe kyalagulwa, nga gutuuse mu kiseera ky'Abanikolayiti. . . manyanga mu kiseera kya Lawodiikiya; olwo Okujja kwa Mukama waffe, n'enkomerero y'ebintu byonna, n'enkomerero y'omulembe guno, n'Okukwakkulibwa bisembedde kwenkana wa? Kasita Atandika wiiki eyo ey'ensanvu, oba emyaka omusanvu, Ekkanisa ebeera egenze.

190 Mukiraba, ab'emikwano? Yimusa omukono gwo bw'oba okiraba. Mukiraba? Kati nno, leka tuleke okubeera abaana abato. Leka tulekere awo okuzannya. Tuli mu kiseera kya nkomerero. Waliwo ekinaatera okubaawo. Tuli ku nkomerero. Wano we tuli.

191 Wiiki zino enkaaga mu omwenda zaatuukirira ddala nga bwe zaalagulwa; okuddayo kw'Abayudaaya kwatuukirira ddala nga bwe kwalagulwa; omulembe gw'ekkanisa gwatuukirira ddala nga bwe gwalagulwa. Tuli mu kiseera kya nkomerero, ku nkomerero, omulembe gw'ekkanisa ya Lawodiikiya, ku

nkomerero yaagwo. Ababaka emmunyeenye bonna obubaka bwabwe babubuulidde. Bubuuliddwa. Tuli mu kuseyeeya buseyeeya kati. Abayudaaya bamaze emyaka amakumi ana kasookedde bakomawo. Kati bali mu nsi yaabwe.

Kiki ekiddako? Okujja kw'Ejjinja. Awo we tuli. Kinaabaawo ssaawa mmeka? Simanyi. Naye, ow'oluganda, nze ku lwange, njagala mbeere mwetegefu. Ebyambalo byange njagala bibeere nga bitegekeddwa.

192 Kati, tusigazza—tusigazzaayo obudakiika butono nnyo ddala, naye nnandisabye muwulirize mu kasirise kati okumala eddakiika nga emu.

Kasita Atandika wiiki ey'ensanvu, oba emyaka omusanvu, Ekkanisa ebeera egenze. Kati muwulirize. Nziramu okujuliza nate, nziramu okujuliza, muleme okwerabira. Kye kino Omwoyo Omutukuvu kye yatadde ku kkalaamu yange bwe nnabadde mpandiika. Tuli mu mulembe gwa Lawodiikiya. Kristo mw'agaaniddwa Ekkanisa Eyiye ku Bubwe. Emmunyeenye y'omulembe guno, Obubaka, bubuuliddwa. Ne Isiraeri bali mu nsi yaabwe. Mulaba we tuli? Tuli ku nkomerero.

Kati, ŋŋenda kwogerayo ekintu ekirala nga kimu oba bibiri.

193 Kati bino byonna bye tulaba, bijja kutuyamba, olw'ekisa Kye, nga bwe tugezaako okuyingira mu Bubonero buno Omusanvu obusembayo. Mulaba we kyandituyitiddeko? Okuva mu Okubikkulirwa 6:1 okutuuka ku Okubikkulirwa 19:21, kyandituyiseeko, kubanga, mulaba, twandibadde mu kugezaako kukiteeka mabega *eri*, mu mulembe gw'Ab'amawanga guno; nga ate, mulaba, kiri ludda eno mu mulembe *guno*. Mukiraba?

Kati, tukikakasizza nga tukozesa Ekigambo kya Katonda, nga tukozesa ebyafaayo, nga tukozesa buli kimu, nga tukozesa obubonero obw'ebiro, nga tukozesa ennaku, nti tewakyaliyo kintu kyonna kisigadde. Tuli ku nkomerero y'Ab'amawanga. Kiki—kiki kye tugenda okukola? Nsonga ya mmeeme yange n'emmeeme yo; nsonga ya bulamu bwange n'obulamu bwo; nsonga ya bulamu bw'abaagalwa baffe. Tubiibiitiddwa nnyo ekisusse. Tubadde n'ebintu ebyangu bingi. Tusaanye tubeeko ne kye tukola. Obudde buyise nnyo okusinga bwe mulowooza, ekyo mukijjukire.

194 Kati, wano waliwo ebigambo ebyewuunyisa, bwe muba mwandyagadde okubiwandiika. Muwulirize n'obwegendereza, bambi. Kino kye nsembyayo okwogerako, bwe nkimala; nninawo wano akantu akatono oluvannyuma lwa kino, akasonga akatono ke njagala okwogerako. Kati muwummuleemukko muwulirize n'obwegendereza, ŋŋenda kubaako ne kye mbawa ekyewuunyisa, eky'okwongereza ku kino. Mulaba?

Ekiseera ekiri wakati w'enkomerero y'omulembe guno n'Okujja kwa Kristo tekiweza yadde obugazi bw'obwogi bw'akambe. Buli kimu kibaddewo, tewali kikyasigaddeyo.

Isiraeri bali mu nsi yaabwe? Ekyo tukimanyi. [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Tuli mu mulembe gwa Lawodiikiya? ["Amiina."] Obubaka bw'omulembe guno ogwa pentekoote bubuuliddwa, okugezaako okuzuukusa abantu okubazzaayo ku Mukisa gwa pentekoote eri eyasooka? ["Amiina."] Buli mubaka azzenga mu mulembe gwe, ddala nga bwe kyalina okuba? ["Amiina."] Amawanga galumbagana? ["Amiina."] Kawumpuli? Olwa leero waliwo enjala mu nsi, nga ab'Ekkanisa entuufu bavuga ebikumi n'ebikumi bya mayiro nga banoonya okuwulira Ekigambo kya Katonda? ["Amiina."] "Si njala ya mmere yokka, wabula enjala ey'okuwulira Ekigambo kya Katonda." Waliwo enjala. Si bwe kiri? ["Amiina."] Kati kitegeeza, tuli wakati mu kiseera ekyo kyennyini, mu kaseera kano kennyini. Mulaba we tuli? Tulinze Jjinja eryo.

195 Ekigambo ekyewuunyisa! Okuva mu kiseera Katonda lwe yawa Ibulayimu ekisuubizo . . . Kino temukisubwa. Okuva mu kiseera Katonda lwe yawa Ibulayimu ekisuubizo, Olubereberye 12:3, okutuusa mu kiseera Kristo lwe yagaanibwa mu mwaka gwa A.D. 33, Abayudaaya bwe baamugaana; okusinziira ku Abaggalatiya 3:16 n'olw'e 17, n'okusinziira ku nsengeka ya Usher, U-s-h-e-r, ensengeka ya Usher ey'ebintu ebikwata ku Abaebbulaniya nga bwe byajja bibaawo; amaanyi ga Katonda gaali mu Bayudaaya okumala emyaka lukumi mu lwenda mu ataano mu ena gyennyini. Katonda yakolagana n'Abayudaaya okumala emyaka lukumi mu lwenda mu ataano mu ena, okusinziira ku nsengeka y'ebyafaayo by'Abayudaaya, n'okusinziira ku Abaggalatiya 3:16 n'olw'e 17. Nnina Ebyawandiikibwa ebirala bingi, naye mbawaddeko ekyo.

Ate, oluvannyuma nga bamaze okugaana Kristo, Yakyuka n'adda eri Ab'amawanga, okusobola okwefunira abantu ku lw'Erinnya Lye. Mwagala Ekyawandiikibwa ekyogera ku ekyo, we kiri? Ebikolwa by'Abatume 15:14.

196 Kati, bwe tubala ebiseera, tukizuula nti tulina emyaka (muwulirize) tusigazzaayo emyaka kkumi na musanvu gyennyini, tubeere nga naffe tuweereddwa ekiseera kye kimu, nga Katonda akolagana naffe mu maanyi ag'Omwoyo Omutukuvu, okuva A.D. 33 okutuusa mu 1977. Mu bbanga ery'ekiseera kye kimu, eky'emyaka olukumi mu olwenda mu ataano mu ena, naffe Katonda akolagana naffe mu ngeri y'emu nga bwe Yakolagana n'Abayudaaya. Ekyo kiwulikika kitya!

197 Kati, njagala mubeeko ne we muwandiika mu bitabo byammwe, Ekyawandiikibwa ekitono wano kye njagala okubawa. Ekyabaleevi 25, okutandikira ku lunyiriri olw'o 8. Katonda yayitanga jjubireewo, ku buli mwaka ogwa ana mu omwenda. Omwaka ogw'ataano ye yabanga jjubireewo. Ekyo tukimanyi. Ekyo tukitegeera. Okuva ku jjubireewo eyasooka, ey'omu Ekyabaleevi 25:8, mu mwaka ogwa 1977 y'ejja okuba jjubireewo ey'ensanvu, nga gy'emyaka enkumi ssatu mu bina mu

asatu gyennyini. *Jjubireewo*, kitegeeza, "Okwambuka waggulu! Okuteebwa!"

> O, tulindiridde okujja kw'olunaku olwo olw'Okufuga okw'emyaka olukumi okw'essanyu,
> Mukama waffe ow'omukisa lw'Alijja n'atwala Omugole We alindiridde;
> O, ensi esinda, ekaabira olunaku olwo olw'okuteebwa okw'essanyu,
> Omulokozi waffe lw'alikomawo nate ku nsi.

198 Ekyo mukifunye? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Katonda akolaganye naffe okumala ekiseera ky'ekimu kyennyini kye yamala nga Akolagana n'Abayudaaya. Okuva lwe yawa Ibulayimu ekisuubizo, okutuusa ekiseera Masiya we yagaanirwa mu mwaka A.D. 33, gyali emyaka lukumi mu lwenda mu ataano mu ena. Era kati tusigazzaayo emyaka kkumi na musanvu. Twakakozesaako kyenkana emyaka nga lukumi mu lwenda mu asatu n'egigwamu. Tusigazzaayo emyaka kkumi na musanvu, okutuuka mu mwaka ogwa 1977, y'ejja okuba jjubireewo ey'ensanvu kasookedde jjubireewo zitandika. Era kiribeera kiki? O, ow'oluganda! Kaakano wekkaanye. Tokisubwa. Eribeera jjubireewo ey'okwambuka waggulu okw'Omugole ow'Amawanga, n'okuddayo kwa Kristo eri Abayudaaya, lwe baliva mu busibe. Amiina! Temukiraba? Bakuluumulukuse okuva mu nsi yonna, ne bakuŋŋaanira eyo okulinda olunaku olwo. Ha, bannange! Mulaba we tuli? Tetumanyi kiseera ki lwe kiyinza kubaawo. Tuli mu kiseera kya nkomerero.

199 Kati muwulirize. Eri mmwe abakadde abaluddewo wano mu—mu kkanisa, ababadde wano okumala ekiseera ekinene, njagala mubeeko ne kye mwekkaanya. Kino nnali sikitegeeranga okutuusa olunaku lwa jjo; nnakiggye ku munnabyafaayo, ayitibwa Paul Boyd, bwe nnakifunye ne. . . Ne nkirondoola mu Byawandiikibwa, ne nfuna ennaku endala zino wano, n'ebirala byonna, ne mbifuna, ne mbigeraageranya, ne mbirondoola ne mbyekkaanya.

200 Kati, mu 1933, bwe twali tusinza erudda wano mu kizimbe kye twapangisa ekya yekaalu ya ba Masonic, olwa leero awali ekkanisa eyitibwa ekkanisa ya Kristo, ku makya agamu mu mwezi gwa Apuli, nga sinnasimbula kuva waka, nnali mpaayo emmotoka yange (nnali nfunye emmotoka eyakolebwa mu mwaka gwa '33, era nnali ngiwongayo eri okuweereza Mukama.), kati mu kwolesebwa, ne ndaba ebiseera eby'enkomerero (Kati mulabeeyo kino bwe kyewuunyisa, edda nga nkyali mulenzi muto, kati muli osobola okukubamu akafaananyi emmotoka eyo ey'omu 1933 bwe yali efaanana, kati, nga bwe yali efaanana.), era nnagenda erudda ku kizimbe kya yekaalu ya ba Masonic, eyo, abamu ku mmwe abakadde aba wano mukijjukira, gyekiri ewaka waliwo olupapula olukadde kwe

kyawandiikibwa, kyakubwa ne mu kyapa ne kisaasaanyizibwa wonna mu nsi, mulaba, ogwo gwali mwaka gwa 1933, ne ndagula nti waali wajja kugwawo ekikangabwa eky'amaanyi ku ggwanga ly'Amerika lino nga omwaka gwa 1977 tegunnatuuka, manya, we gunaatuukira. Ekyo bameka abajjukira nga nkyogera? Mulabe emikono. Mazima ddala.

201 Kati mulabeeyo, nnalagula ebintu musanvu ebyali bigenda oku . . . ebyalina okubaawo nga okutuukirizibwa kuno manya nga ekintu kino tekinnaba kubaawo wano mu Amerika, ekikangabwa kino eky'amaanyi.

Nnagamba nti, kati mujjukire, kino nnakyogera terunnatandika, nnagamba nti twali ba kugenda mu Ssematalo ow'Okubiri. Ekyo bameka abajjukira nga nkyogera? Mugambe nti, "Amiina." [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Kale. Ssematalo ow'Okubiri! Nnagamba nti, "Pulezidenti aliko kaakano . . . " Kino nnakikoppolodde kuva mu Kyawandiikibwa eky'edda, manya kuva, ku kiwandiiko ekimu eky'edda, eggulo ekigamba nti, "Pulezidenti gwe tulina kaakano," nga mu kiseera ekyo yali . . . Bameka abajjukira yali ani? [Ow'oluganda omu addamu nti, "Franklin Roosevelt."] Franklin D. Roosevelt. Nnagamba nti, "Pulezidenti gwe tulina mu kaseera kano ajja kwesimbawo n'ekisanja eky'okuna," mu kiseera ekyo yali mu kisanja kye ekisooka, "ajja kwesimbawo ekisanja eky'okuna, era tujja kuwalulwa tutwalibwe mu Ssematalo ow'Okubiri."

202 Ne ŋŋamba nti, "Nnakyemalira asituse mu kaseera kano mu ggwanga lya Yitale, nga ye Mussolini, ajja kujja mu buyinza. Era ajja kugenda mu ggwanga lya Esiyopya, era eggwanga lya Esiyopya lirigwa ku bigere bye." Waliwo abantu abatudde wano kati we twogerera abamanyi, nga waaliwo akabinja k'abantu abajja ne bayimirira awo, bwe nnali nkubye olukuŋŋaana lwange mu kizimbe ekinene ekikuŋŋaanirwamu ekiyitibwa Redman's Hall emmanga eri ku olwo akawungeezi, lwe nnali ŋŋendayo okubibuulirako, nga n'abaddukanya ekifo ekyo ekikuŋŋaanirwamu ekya Redman's Hall, baayaagala okunfulumya wabweru w'ekifo ekyo olw'okwogera ekintu ekyo. [Mwannyinaffe Wilson agamba nti, "Amiina. Ddala bwe kyali."—Omuk.] Weewaawo. Weewaawo. Muky. Wilson, mmanyi oli . . . Ddala kye kyaliwo. Ekyo bwe nnakyogera . . . Naye yakikola? "Naye," nnagamba nti, "alikomekkereza mu buswavu," era bwe kyali. Ye n'omukazi gwe yakukutanga naye, baasulikibwa ne bawanikibwa n'omuguwa mu luguudo, nga ebigere biri waggulu, nga n'engoye zaabwe zeefungudde. Kale, ekyo kyatuukirira.

203 Kati n'ekirala nnagamba nti, "Abakazi bakkiriziddwa okulonda. Ekintu eky'obuswavu ennyo eri eggwanga. Era, mu kulonda kwabwe, lumu balironda omusajja omukyamu." Era ekyo baakikola mu kulonda kuno okwakaggwa. Bannange, bannange! Eky'okuna . . . (Nnagamba nti, "Ssaayansi

alikulaakulana nnyo n'okutuusa nti . . . ") Nedda, wano, ekyo ky'eky'okusatu. Munsonyiwemu.

204 Kiikino ekiddako, awo, eky'okuna. Nnagamba nti, "Tulibeera n'olutalo wakati waffe n'eggwanga lya Bugirimaani, era balizimba ogufo ogunene ogw'enkokoto bagwebulunguluze bbugwe beggaliremu, era Abamerika balikubwa bubi nnyo ddala." Katonda Omuyinza w'ebintu byonna akimanyi, Oyo gwe nnyimiridde mu maaso Ge kaakano, abasajja abo aba Nazi abeetongodde nnabalaba nga basambasamba Abamerika bwe batyo, n'ebirala bye baabakola, ku nsalo eyo. Waliwo n'abavubuka bangi abayimiridde wano kati abaali ku Nsalo ya Siegfried eyo, abamanyi obulungi ekyaliyo. Ate mujjukire nti, ekyo kyaliwo emyaka kkumi na gumu nga Ensalo ya Siegfried tennazimbibwa. Katonda mutuufu? Akyalagula ebintu ebigenda okubaawo mu maaso nga tebinnabaawo? Mwekkaanye. Ekyo, ekyo kye kyali eky'okuna.

205 Kati ekintu eky'okutaano. "Ssaayansi alikulaakulana mu ngeri ey'ekitalo ennyo okutuusa nti balikola emmotoka etalyetaagisa kuvugibwa nga okozesa siteeringi. Era emmotoka ziryeyongera okukolebwa mu kikula nga eky'eggi mu ndabika yaazo, okutuusa ku nkomerero ya byonna, mu kiseera eky'enkomerero. Nnalaba famire emu ey'Abamerika nga baserengeta mu luguudo, oluguudo olugazi, nga batambulira mu mmotoka wabula nga emigongo gyabwe bagikubye oludda awandibadde siteeringi, nga bali nga abazannya akazannyo ka dulafuti oba matatu." Era tugirina. Bagiraga ku ttivvi. Mu pulogulaamu ya *Ssayansi Ow'ettunzi*, manyanga ey'*Ebidduka*, zonna zigiraga. Emmotoka eyo tugirina. Evugibwa limooti, limooti eyo e—efugibwa kyuma ekiketta amayengo g'eby'empuliziganya. Kiriba tekibeetaagisa na kugiteekamu siteeringi. Oliba onyiga bunyizi ppeesa bw'oti, nga bw'onyiga essimu yo, olwo emmotoka yo n'ekutwala mu kifo ekyo kyennyini gy'oyagala okugenda; tesobola kukola kabenje, oba ekintu kyonna, n'emmotoka endala. Amaanyi ga magineeti emmotoka endala zonna gaziwugula okuva w'oli. Mulaba? Bagirina. Ha, bannange! Mukirowoozeeko. Kyalagulwa dda emyaka asatu nga tekinnabaawo!

206 Kati, ekyo kitutuusa ku kulondebwa kwa Pulezidenti Kennedy.

Kati bw'ossaako n'emmotoka eno o—okubaawo n'erabwako nti w'eri, kiweza ebintu bitaano (ku bintu omusanvu) ebimaze okutuukirira ddala nga bwe byayogerwa bwe biriba.

207 Kati, nnalagula ne ŋŋamba nti, "Nnalaba omukazi ow'amaanyi nga asituka, nga alabika bulungi nnyo, nga ayambadde olugoye olwa langi eya kakobe ow'ekirangira." Kati nninawo wano ebiwandiikiddwa mu bukolwa ebigamba nti, "(Yali mukulembeze ow'amaanyi mu ggwanga ly'Amerika;

oba oli awo yandiba nga yali ekereziya Katolika.)" Omukazi, yali mukazi; simanyi oba oli awo yandiba ekereziya Katolika. Simanyi. Siyinza kugamba nti ye yo. Kyokka kye nnalaba, omukazi nnamulaba, ky'ekyo kyokka.

208 Naye lino ggwanga lya mukazi. Eggwanga lino omuwendo gwalyo guli kkumi na ssatu, mu bunnabbi. Lirina emisittale kkumi n'esatu, emmunyeenye kkumi na ssatu. Lyatandika lirina amatwale kkumi n'asatu. Kkumi na ssatu, kkumi na ssatu, buli kimu kirina omuwendo gwa kkumi na ssatu. Era, lisangibwa na mu ssuula ya kkumi na ssatu mu kitabo ky'Okubikkulirwa. Omuwendo gwalyo guli kkumi na ssatu. Era ggwanga lya mukazi.

209 Embuga z'amateeka ez'abaagala okwawukana mu bufumbo mu ggwanga ly'Amerika zigattulula emigogo mingi nnyo, mu misango egitwalibwayo abakazi abaffe wano, okusinga mu mawanga amalala gonnna. Empisa mu ggwanga lyaffe zisiiwuuse nnyo, n'okwawukana mu bufumbo kungi nnyo, okusinga mu mawanga nga Bufaransa oba Yitale, obwa malaaya gye busangibwa wabweru ku nguudo. Naye kale, bali bo bamalaaya; naye wano ewaffe bakazi abafumbo ate be bagezaako okubeera n'abasajja abasukka mu omu, n'abasajja abafumbo abagezaako okubeera n'abakazi abalala abasukka mu omu.

210 Mu mawanga okuwasa abakazi abangi gye kukkirizibwa, embeera eriyo esingira ddala eri wano obulungi emirundi lukumi. Nga, ate, tukimanyi, nti kikyamu okuwasa abakazi abangi. Naye, kiraga bulazi nga bwe tuweebuuse mu mpisa.

211 Nnina akatundu k'eggulire, mwe baawandiika ne balaga nti abavubuka baffe Abamerika bwe baagenda emitala w'amayanja, mu lutalo luno olwakaggwa, nti abasukka mu, nzikiriza, byali ebitundu nga nsanvu ku kikumi. . . Nedda, kati, mulindeeko katono, nzikiriza baali abavubuka basatu mu buli bavubuka bana ku abo bonna abaagenda emitala w'amayanja, bakyala baabwe abaayawukana nabo bwe baali tebannadda. Kuliko n'omutwe omunene ogubuuza nti, "Empisa z'abantu baffe Abamerika zibadde zitya?" Eggulire eryo mujjukira okuliraba? Mwenna mwaliraba, ndowooza. "Empisa z'abakazi baffe Abamerika zibadde zitya?" Mu makolero eyo, obasanga nga bakolerayo kintabuli n'abasajja. Ggwanga lya bakazi. Ligenda kufunamu ki? Ligenda kufuula mukazi katonda, oba katonda omukazi.

212 Kati, era, n'oluvannyuma lw'ekyo, nnakyuka ne ndaba. Era nnalaba eggwanga ly'Amerika lino nga libengeya nga ekikoomi, enjazi zaali zitulise. Era lyali libengeya nga e—entuumu y'omuliro oguva mu bisiki, oba nga ekintu ekikumiddwaako omuliro. Ne nnengerera ddala wala nnyo nga bwe nsobola, naye lyonna lyari lisirisse. Mu kaseera ako ne nva mu kwolesebwa.

Ebitaano ku bisatu bimaze okubaawo . . . manya ebitaano ku musanvu, manyanga, byamala okubaawo.

213 Nate ne kijja ne wano ne kiraga. Era ne nteebereza. Ekyo sigambangako nti Mukama ye yakiŋŋamba, naye, bwe nnali nnyimiridde mu kkanisa ku olwo ku makya, nnagamba nti, "Okusinziira ku ngeri enkulaakulana . . ." Nnatambula ne ŋŋenda ku ludda olumu olw'ekisenge kyabwe, ne nziruka ne nzira ku ludda luli olulala olw'ekisenge. Ne ŋŋamba nti, "Okusinziira ku ngeri enkulaakulana gye yeeyongera, ŋŋenda kuteebereza nti ekiseera ekyo . . . simanyi lwaki nkyogera. Naye nteebereza nti ebyo byonna bijja kutuukirira mu kiseera wakati w'okuva mu kiseera kino, mu 1933, ne 1977."

Nga ssirina na kye nkimanyiiko, Katonda amanyi omutima gwange, ekyo nnabadde sikimanyi okutuusa olunaku lwa jjo, nti omwaka gwa 1977 ye jjubireewo, era nga guweza ebbanga lyennyini ekiseera kye kimu kye Yawa Isiraeri, na buli kimu kyonna okutuuka ku nkomerero. N'olwekyo tuli ku . . . Tuutuno tuli na ku nkomerero ya mulembe, mu kuyingirawo kwa wiiki ey'ensanvu. Tetumanyi kaseera ki Ekkanisa w'enaagendera. O, bannange! Tuyinza kukola ki, ab'emikwano? Tuli wa?

214 Kati we tuli mulabawo? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Kati wiiki ya Danyeri ey'ensanvu mugitegedde? ["Amiina."]

Mulaba, kati, bwe tuneeyongera mu maaso ne tuyingira mu Bubonero buno n'ebintu eby'enjawulo, mu kubembula Obubonero buno. Ne wajja asooka, nga muvuzi wa mbalaasi enjeru, nga alina omutego mu ngalo ze. Oyo mumwekkaanye y'ani. Mulabe omuvuzi w'embalaasi eya langi eya lukunyu amugoberera. Mulaba? Mumwekkaanye y'ani, mulabe n'engeri gye bajja. Mulabe emitwalo ekkumi n'ena mu enkumi ennya bali we bajjiramu. Mwekkaanye n'embeerera enneebafu we zirabikira. Oluvannyuma mulabe ebintu bino byonna bwe bituukirira: okufukumulwa kw'Ebibya, Ebiwoobe, emyoyo esatu emibi egifaanana nga ebikere. Mulabe ebintu ebyo bwe bikwataganira ddala n'ebibonyoobonyo ebyo, mu kiseera kyennyini we bifukumulirwa. Akabonero buli lwe kaabembulwa, nga wabaawo ekibonyoobonyo ekifukumulwa, era nga wajja okuzikiriza. Mwetegereze n'ebigenda mu maaso mu kiseera kino ku nkomerero.

215 Era, ha, mwekkaanye ne bannabbi bano abasatu . . . manyanga bannabbi bano ababiri, bwe basituka wano. Ate mu makkati ga wiiki, ne basalibwako bwe batyo, olwo Olutalo lwa Kalu-Magedoni ne lutandika. Awo Katonda alyoke atandike okwogera, Ye Mwene, era Asituke atandike okulwana. Nga bannabbi bali bwe bakuba ensi ne kawumpuli. Nga babuulira Linnya lya Yesu Kristo. Nga babatiza mu ngeri y'emu. Nga bakolera ddala ekintu ky'ekimu kyennyini

abapentekoote abaasooka, bakitaffe kye baakola, era nga bangi babagoberera. Naye bali abaakola omukago, ekibiina kiri eky'obuntu, bo beeyongerayo bweyongezi mu mukago gwabwe, okutuusa nti n'amaanyi ga bannabbi abo tegaagumenyawo. Naye oluvannyuma lwa byonna ne bagamba nti, "Kale leka tukole ekibiina kimu." Awo n'aleetamu (ki?) eky'omuzizo, enzikiriza y'e Rooma, okubuutikira ekintu kyonna, ekireeta okuzikirira. "Eky'omuzizo ekireeta okuzikirira," kimira buli kimu, "empitambi."

216 Mujjukira, malaaya oli eyali atudde ku nsolo, nga yenna ayambadde ebimyuufu, ensolo eyalina emitwe omusanvu n'amayembe kkumi. Mukijjukira ekyo? "Yalina n'ekikompe mu ngalo ze, eky'empitambi ey'eby'omuzizo bye." Eyo ye yali enjigiriza ye gye yasaasaanya mu bantu. Kati nno awo we tuli, baganda bange. Tuli mu kiseera kya nkomerero.

217 Abaana abato, tetumanyi, tuyinza obutaba balamu kusobola kukomawo ekiro kya leero. Tuyinza obutaba balamu kusobola kuddamu kulabagana. Simanyi. Naye, enkomerero esembedde nnyo, enkomerero eri kumpi nnyo ddala. Ebyawandiikibwa biibino wano. Waliwo obukakafu obw'enkukunala, obukakasizza ddala, obuli mu Byawandiikibwa.

218 Kati, bwe wabaawo ekintu kyonna ky'otategedde, mpandiikira okintegeeze. Mukiraba? Ntegeeza. Abamu ku mmwe ab'oluganda abawuliriza entambi, mu bitundu ebirala ebitali bimu, bwe wabaawo ekintu kyonna kye nnyinza okukuyambamu, ntegeeza. Oyinza okuba tokkiriziganya nange, nange nnyinza okuba ssikkiriziganya na kibiina kyo; si ggwe, wabula enkola y'ekibiina mw'ova. Sigamba nti Abakatuliki ssikiriziganya nabo. Sigamba nti saagala Bakatuliki, nti era ssaagala bantu ba bibiina bya madiini. Ekyo si bwe kiri. Abantu bonna mbaagala, wabula ssikiriziganya na nkola ezo ezibakuumira mu buwambe. Ekyo kye ssikiriziganya nakyo, enkola eyo. Ky'ekyo.

219 Bugirimaani si gye nnali nvumirira; wabula nnali nvumirira nfuga ya Bwannazi. Abayitale si be nnali nvumirira; wabula nnali nvumirira nkola eyo ey'obwa—Obwannakyemalira. Era mujjukire nti, waliwo n'okuteebereza okulala kwe nnakola mu kiseera ekyo, kuteebereza buteebereza, era bangi ku mmwe abakadde ab'edda aba wano mukujjukira. Nnagamba nti, "Leero waliwo enkola z'eby'obufuzi ssatu ezigezaako okuwamba ensi: Obwannakyemalira, Obwannazi, n'Obwannaakalyak'ani." Era nnagamba ntya? Zonna zaali za kuwunzikira mu Bwannaakalyak'ani.

220 Era mwenna nnabagamba mukyogere nti, "Amaaso go gakuumire ku Russia." Ekyo mukijjukira? "Amaaso go

gakuumire ku Russia. Ejja kukomekkereza nga yonna efugibwa nkola ya Bwanaakalyak'ani."

Ate oluvannyuma byonna, birikomekkerereza, mu Bukatuliki. Ekyo mujjukire nti, byonna birikomekkerereza mu Bukatuliki mu kiseera eky'enkomerero. Ekyo ddala bwe kiri. Ebyo biribaawo mu kiseera ky'Olutalo lwa Kalu-Magedoni, *wano* eno wennyini, nga Kristo, Mwene azze.

221 Naye bannabbi bano abasatu. . . Manya, emyaka esatu n'ekitundu gino, okwo kwe Kubikkulirwa 11:3, mukisomyeko emirundi egiwera, "Ndiwa amaanyi abajulirwa Bange ababiri, era baliragulira ennaku lukumi mu bibiri mu nkaaga." Ennaku mmeka, ennaku lukumi mu bibiri mu nkaaga? Emyaka esatu n'ekitundu. "Oluvannyuma balittibwa mu luguudo," mu makkati ga wiiki eno ey'ensanvu.

Kati mulaba wiiki za Danyeri ensanvu we ziri? Wetuli mulabawo? Tuli ku nkomerero, mikwano gyange abaagalwa. Tuli ku nkomerero. Ennaku. . .

> Amawanga gali mu kusasika, Isiraeri azuukuka,
> Obubonero bannabbi bwe baalagulako; (Wennyini wetuli.)
> Ebiro by'Ab'amawanga biweddeyo, (*Wano*.) nga bijjudde entiisa;
> "Mukomeewo, Mmwe mwenna abaasaasaana, mudde ewammwe."

Leka tuluyimbe:

> Olunaku lw'obununuzi lusembedde,
> Emitima gy'abantu gizirika olw'okutya;
> Mujjuzibwe Omwoyo, ettabaaza zammwe muzirongoose zaake bulungi,
> Mutunule waggulu! Obununuzi bwammwe busembedde.

Ha, bannange! Ekyo si kirungi nnyo?

> Amawanga gali mu kusasika, Isiraeri azuukuka,
> Obubonero bannabbi bwe baalagulako;
> Ebiro by'Ab'amawanga biweddeyo, nga bijjudde entiisa,
> "Mukomeewo, Mmwe mwenna abaasaasaana, mudde ewammwe."

Kati ffenna wamu:

> Olunaku lw'obununuzi lusembedde,
> Emitima gy'abantu gizirika olw'okutya;

Mujjuzibwe Omwoyo, ettabaaza zammwe muzirongoose zaake bulungi,
Mutunule waggulu! Obununuzi bwammwe busembedde.

Muleke mbeeko akatundu ke mbayimbira.

Bannabbi ab'obulimba bagenda balimba, nga bagaana Amazima ga Katonda,
Agagamba nti Yesu oyo Kristo ye Katonda waffe;

Bamufuula Muperesoona wa kusatu. Ekyo mukimanyi. Naye, ekyo si ky'Ali. Ye Katonda waffe.

Naye ffe tujja kutambulira mu kisinde ky'abatume.

Kubanga olunaku lw'obununuzi lusembedde,
Emitima gy'abantu gizirika olw'okutya;
Mujjuzibwe Omwoyo, ettabaaza zammwe muzirongoose zaake bulungi,
Mutunule waggulu! Obununuzi bwammwe busembedde.

222 Toli musanyufu? Tuddeyo ku Bubaka, ow'oluganda! Tuddeyo ku ekyo ekyasooka! Tuddeyo ku pentekoote! Tuddeyo ku mukisa gwennyini ogwa nnamaddala! Tuddeyo ku Linnya lya Yesu Kristo! Tuddeyo ku kubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu! Tuddeyo ku bubonero n'ebyewuunyo! Tuddeyo ku pentekoote! Twala eri ebibiina eby'obuntu! Tuddeyo ku Mwoyo Omutukuvu! Ye Muyigiriza waffe.

Kubanga olunaku lw'obununuzi lusembedde,
Emitima gy'abantu gizirika olw'okutya;
Mujjuzibwe Omwoyo, ettabaaza zammwe muzirongoose zaake bulungi,
Mutunule waggulu! Obununuzi bwammwe busembedde.

223 Ekyo si kirungi nnyo? Nnabbi yagamba atya? "Walijja ekiseera ekiriba nti, ky'otalisobola kugamba nti budde bwa kiro oba bwa misana." Mwekkaanye bwe kibadde. Mukiraba? Ha, kibadde kiseera kizibu nnyo, okuyita mu mirembe gy'ekkanisa gyonna!

Naye wa—walibaawo Omusana mu kiseera eky'akawungeezi,
Era ekkubo erigenda mu Kitiibwa mazima ddala oliriraba;
Mu kkubo ery'amazzi leero mwe muli Omusana,

Nga oziikibwa mu Linnya lya Yesu
ery'omuwendo.
Abato n'abakadde, mwenna mwenenye ebibi
byammwe,
Omwoyo Omutukuvu ddala anaayingira;
Guuguno Omusana ogw'akawungeezi guzze,
Era ddala kituufu nti Katonda ne Kristo bali
Omu.

Walibaawo Omusana . . .

Ffenna wamu.

. . . mu kiseera eky'akawungeezi,
Era ekkubo erigenda mu Kitiibwa mazima
ddala oliriraba;
Mu kkubo ery'amazzi leero mwe muli
Omusana,
Nga oziikibwa mu Linnya lya Yesu
ery'omuwendo.
Abato n'abakadde, mwenna mwenenye ebibi
byammwe,
Omwoyo Omutukuvu ddala anaayingira;
Kubanga Omusana ogw'akawungeezi guzze,
Era ddala kituufu nti Katonda ne Kristo bali
Omu. (Si basatu; wabula Omu!)

224 Tuddeyo ku Bubaka! Tuddeyo ku ntandikwa! Tuddeyo ku ekyo Pawulo kye yayigiriza! Tuddeyo ku kubatiza kwe yabatiza! Yasanga abantu abaali baabatizibwa mu ngeri endala; n'abalagira okujja baddemu babatizibwe. Yagamba nti, "K'abe Malayika avudde mu Ggulu, ssinga abuulira ekintu ekirala kyonna, leka akolimirwe." N'olwekyo, tulina kuddayo ku Bubaka, mukwano gwange! Kiseera kya kawungeezi.

225 Oh, mmwagala nnyo nnyini, mmwe temumwagala? Kati bameka abalaba wiiki ya Danyeri ey'ensanvu, era abalaba wiiki eyo ey'ensanvu ky'eri? Bameka abakikkiriza? Muddeemu nti, "Amiina." [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Amiina! Katonda atenderezebwe!

226 Kati, kiki ekiddako? Kati Obubonero Omusanvu bwe buddako. Nabwo tujja kubukwatako, Mukama bw'anaaba akkirizza. Kinaabaawo ddi, nange simanyi. Naye wonna Ye w'anaabutuweera, we tunaabuyigiririzaako. Kati ekyo kitegeeza tuliba n'olukuŋŋaana oluwanvu ennyo, ddala, kubanga kiritwetaagisa okutandikira ku ssuula ey'o 6 okutuuka ku y'e 19, okubumalayo bwonna, nga kw'ogasse n'okuba nti ŋŋenda mpola mpola.

227 Kati ssaagala muntu yenna kugenda nga kino akitegedde kifuulannenge. Olutambi bino lukyabikwata. Ssaagala muntu yenna kukitegeera bubi. Kati ssaagala mukitegeere bubi, mugende nga mugamba nti, "Ow'oluganda Branham yagambye

Yesu wa kujja mu 1977." Ssinnayogerako kintu bwe kityo. Yesu ayinza okujja olwa leero. Naye nteeberezza ne ŋŋamba nti wakati w'omwaka ogwa '33 n'ogwa '77 waliwo ekiribaawo, era nti ebintu bino bye nnalaba nga bibaawo, mu kwolesebwa, bijja kutuukirira. Nga n'ebitaano ku byo byamala dda okutuukirira. Era nzikiriza nti, ku bintu nnamuzisa bye tulina mu kaseera kano . . .

228 Kati mwalabye Pulezidenti waffe bye yaakava okwogera? Baagala kuwakula lutalo lulala. Ayagala Berlin y'eba ebeera e—eky'okulabirako, bwe yagambye. Gy'ayagala y'eba ebeera eky'okulabirako. Naye lwaki si Cuba etuliraanye wano emmanju? Lwaki si gy'akozesa nga eky'okulabirako? Lwaki si yo? O, bintu omutali nsa yadde! Mukiraba?

229 Oh, ow'oluganda, ddala tuli ku nkomerero. Bagenda . . . Kigenda kutuukirira ddala nga Katonda bwe yayogera nti bwe kiriba, kati ki—kigasa ki okubaako ekintu ekirala kyonna ky'okola okuggyako okusoma obusomi bye Yayogera, n'okwetereeza, n'okyetegekera. Bw'omala n'ogamba nti, oba lujja lujje. Tululinze.

> Tulindiridde okujja kw'olunaku olwo olw'Okufuga okw'emyaka olukumi okw'essanyu,
> Mukama waffe ow'omukisa lw'Alijja n'atwala Omugole We alindiridde;
> O, ensi esinda, ekaabira olunaku olwo olw'okuteebwa okw'essanyu,
> Omulokozi waffe lw'alikomawo nate ku nsi.
>
> O! Mukama waffe akomawo nate ku nsi,
> Weewaawo, Mukama waffe akomawo nate ku nsi,
> O, Ssetaani alisibibwa okumala emyaka lukumi,
> Era tetulibeera n'atukema yenna,
> Yesu bw'alikomawo nate ku nsi.

Bameka abeetegese? Muyimuse emikono gyammwe. Ha, bannange!

> O! Mukama waffe akomawo nate ku nsi,

Leka tuyimirire tulamusagane.

> Mukama waffe akomawo nate ku nsi,
> O, Ssetaani alisibibwa okumala emyaka lukumi,
> Era tetulibeera n'atukema yenna,
> Yesu bw'alikomawo nate ku nsi.

O! Mukama waffe akomawo nate ku nsi,
Weewaawo, Mukama waffe akomawo nate ku nsi,
O, Ssetaani alisibibwa okumala emyaka lukumi,
Era tetulibeera n'atukema yenna,
Yesu bw'alikomawo nate ku nsi.

Okudda kwa Yesu kwe kuliba okwanukula eri ennaku n'okusinda eby'ensi eno,
Kubanga okumanya kwa Mukama kulijjuza ensi yonna, ennyanja, wamu n'obwengula;
Katonda aliggyawo endwadde zonna n'amaziga gaffe ag'okubonaabona galikala,
Yesu bw'alikomawo nate ku nsi.

O! Mukama waffe akomawo nate ku nsi,
Weewaawo, Mukama waffe akomawo nate ku nsi,
O, Ssetaani alisibibwa okumala emyaka lukumi,
Era tetulibeera n'atukema yenna,
Yesu bw'alikomawo nate ku nsi.

230 Ha, bannange! Temuwulira bulungi? Mukirowoozeeko, ab'emikwano, kuno kwe kusinza, okwa pentekoote! Eno pentekoote. Leka tukube mu ngalo zaffe tuluyimbe. Mmwe abantu ba pentekoote, buli omu, kati weete, weggyemu obukakanyavu obwo Obw'ekimesodisti kati. Ka, tuluyimbe!

O! Mukama waffe akomawo nate ku nsi,
Weewaawo, Mukama waffe akomawo nate ku nsi,
O, Ssetaani alisibibwa okumala emyaka lukumi,
Era tetulibeera n'atukema yenna,
Yesu bw'alikomawo nate ku nsi.

O! Mukama waffe akomawo nate ku nsi,
(Bayibuli bw'etyo bw'egamba!)
Weewaawo, Mukama waffe akomawo nate ku nsi,
Ssetaani alisibibwa okumala emyaka lukumi,
Era tetulibeera n'atukema yenna,
Yesu bw'alikomawo nate ku nsi.

Mumwagala? Kale. Mmwagala. *Mmwagala*, Mwannyinaffe Gibbs. O, leka tuyimuse emikono gyaffe gy'Ali kaakano.

Mmwagala, mmwagala
Kubanga Ye yasooka okunjagala

Era n'asasulira obulokozi bwange
(Yabusasulira wa? Wano wennyini e Kalivaaliyo.)
Ku muti gw'e Kalivaaliyo.

Mmwagala, (Ekitiibwa!) mmwagala
Kubanga Ye yasooka okunjagala
Era n'asasulira obulokozi bwange
Ku muti gw'e Kalivaaliyo.

Wiiki Ya Danyeri Ey'Ensanvu LUG61-0806

(The Seventieth Week Of Daniel)

Obubaka Ku Wiiki Ensanvu eza Danyeri Obuddiriŋŋana

Obubaka buno obwabuulirwa Ow'oluganda William Marrion Branham, bwabuulirwa mu Lungereza ku Ssande ku makya, nga 6 Agusito, 1961, mu Kkuŋŋaaniro lya Branham e Jeffersonville, Indiana, mu Amerika, buggyiddwa ku lutambi olwa kkaseti ne bukubibwa mu Lungereza nga tebukyusiddwamu. Buno obuvvuunuddwa mu Luganda bwakubibwa era ne busaasaanyizibwa aba Voice Of God Recordings.

LUGANDA

©2023 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

Voice Of God Recordings
P.O. Box 950, Jeffersonville, Indiana 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org